

ENNAKU EKKUMI EZ'OKUSABA (10 DAYS OF PRAYER)

WWW.TENDAYSOFPRAAYER.ORG

Obubaka Eri Omukulembeze: Okunoonya Okudda Obuggya.

Oyanirizibwa mu Ten Days Of Prayer 2021! Tukikiriza nti okusaba y'entabiro ey'okudda obuggya. Katonda akoze eby'amagero bingi mu myaka egiyise wakati mu kumunoonyeza awamu nga tuyita mu kusaba awamu n'okusiiba. Omwoyo Omutukuvu aleetedde abantu okukyuuka, okufuna omuliro ogw'okubuulira enjiri, amakanisa okudda obuggya, awamu n'okuzzaawo enkolagana mu bangi.

Eddoboozi lya Katonda libadde likuyita okudda obuggya? Bayibuli ejjudde ebisuubizo bya Katonda gy'oli:

“Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetaowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe.” (2 Ebyomumirembe 7:14).

“Era mulinnoonya ne mundaba, bwe mulinkenneya n'omutima gwammwe gwonna.” (Yeremiya 29:13).

“Awo olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka.” (Yoweeri 2:32).

“Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe.” (Yakobo 4:8).

“Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaalira wamu naye, naye nange.” (Okubikkulirwa 3:20).

Wonna w'oli kaakano mu bulamu, kimanye nti Katonda akuli kumpi nnyo okusinga bw'okirowoza. Ayagala okuwa emikisa Gye eri amaka go, ekkansa yo, abakwetooldde, wamu n'ebikwetooldde. Twegatteko mu kusabira okudda obuggya mu by'omwoyo okuyita mu Mwoyo Omutukuvu!

Ensonga Ez'okusabirako Awamu mu Nnaku Ekkumi

Endagiriro Ey'okusaba Buli Lunaku

Tutaddewo endagiriro ey'okusaba okwa buli lunaku okuyita mu nnaku ekkumi. Buli ndagiriro erimu obubaka bwa Bayibuli, ebigambo eby'okwewonga, ebigambo bya Bayibuli eby'okusabiramu, ebirowoozo eby'essaala, n'ebirowoozo eby'ennyimba. Tubasaba okwekuusa ku ndagiriro eza buli lunaku olw'okuyamba abeetabamu okusobola okubeera n'eky'okugoberera mu kiseera eky'okusaba.

Amakanisa mu nsi yonna gajja kwegattira wamu mu kasabira omulamwa ogwa buli lunaku. Twegattire wamu mu kusaba okuyita mu nnyiriri n'obwetaavu bw'okusabirwa, naye tekibakakatako okuyitamu oluwalo mu lukalala lwonna olw'eb'okusabira. Muyinza okwetaaga okwekolamu obubondo, olwo nno buli kamu ne kabeerako eby'okusabira bye kaweebwa.

Tulina n'ekiwandiiko ekiyitibwa 'World Church Prayer Requests' kye twagasseemu. Kya nsonga nnyo okusabira awamu ku lw'amaka ag'ekkanisa yaffe okwetoolola ensi yonna, naye muyinza okwagala okuwaayo ebiseera ebingiko nga musabira ebyetaago by'ekitundu naddala nga mulina abagenyi abava ku muliraano. Musabire engeri esingako obulungi gye muyinza okwanirizaamu abagenyi awamu n'okubaleetera okuwulira obulungi.

Ebirowoozo ku Biseera Ebya Buli Kitundu

Ebiseera eby'okusaba bisaanye bibeera nga byangu olw'okusobozesa abantu okuteeka essira ku kusaba okwa namaddala. Ebiseera eby'okumala ku buli kitndu bijja kwawukana, era bino wammanga by'ebirowoozi:

- ❖ Okwaniriza n'okweyanjula: Eddakiika 2 – 5
- ❖ Okusoma okw'okwewonga (mu ndagiriro ey'okusaba okwa buli lunaku): Eddakiika 5
- ❖ Saba okuyita mu nnyiriri "Okusaba Ekigambo kya Katonda" (mu ndagiriro ey'okusaba okwa buli lunaku): Eddakiika 10 – 15
- ❖ Saba olw'ensonga eziri mu "Ebirowoozo Ebirala Eby'essaala" (mu ndagiriro ey'okusaba okwa buli lunaku): Eddakiika 20 – 30
- ❖ Okwanukulu okuyita mu nnyimba n'okutendereza: Eddakiika 5 – 10

Sabira Abalala

Kubiriza buli muntu okusabira abantu okuva ku bataano okutuusa ku musanvu Katonda baabakwasizza mu bulamu bwabwe, ate nga tewali kuyosa. Basobola okubeera ab'enyanda, emikwano, bakozi bannaffe, baliraanwa, oba abantu bonna betumanyi. Bakubirize okusaba Omwoyo Omutukuvu okubalunjamya mu kulonda amannya gano n'okukwatagana nabo okuyita mu nnaku ekkumi. Oyinza okwetaaga okugaba 'kaadi' oba empapula abantu kwe basobola okuwandiika amannya g'abo be bagenda okusabiranga.

Obuweereza Obwa Sabbiiti mu Nnaku Ekkumi

Mubeere n'essira ery'enjawulo mu kusaba awamu n'okugabana obujulirwa obw'essaala ezayanukulwa wakati mu buweereza obw'ekkanisa ku sabbiiti zombi. Mube batetenkanya ekimala – waliwo engeri nyingi ez'okugabaniramu n'abantu b'ekkanisa ku binaagenda mu maaso mu kusaba okwa buli lunaku.

Okujaguza okwa Sabbiiti Esembayo

Sabbiiti esembayo erina okuyiyizibwa etuukane n'ekiseera eky'okujaguza olwa byonna Katonda by'akoze okuyita mu nnaku ekkumi. Mutegeke obudde obumala olw'okujulira essaala eziyanukuddwa, okuyigiriza kwa bayibuli/okubuulira ku kusaba, wamu n'okuyimba. Abakunjaanye basaana okuyisibwa mu kiseera eky'okusaba ekirungi kisobole okuleetera abatazze essanyu ery'okusabira awamu n'abalala. Tusaba mutunuleko ku birowoozo ebya Sabbiiti ey'okujaguza ebiri mu bubage.

Ebiddirira Ennaku Ekkumi Ez'okusaba

Musabire engeri Katonda gy'ayagala ekkansa yammwe yeyongereyo n'ekyo ky'atandise okuyita mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Osanga muyinza okugenda mu maaso n'okusaba okwa buli wiiki . Oba oli awo Katonda ayagala mutandikewo obuweereza obuggya mu kkanisa yammwe oba okukola obuweereza mu kitundu. Mubeere baanjulukufu era Katonda gy'abatwaala. Mubeere n'obukakafu nti okutambula naye kujja kubanyumira. Ekiwandiiko ekiyitibwa 'Outreach Challenge' kijjuddemu ebirowoozo eby'obuweereza.

Obujulirwa

Tubasaba mugabane embooji ez'engeri Katonda gy'akozeemu okuyita mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba! Embooji zammwe zijja kuzzaamu abalala amaanyi. Obujulirwa busobola okuweerezebwa ku stories@ministerialassociation.org oba okuweerezebwa ku www.tendaysofprayer.org.

Obubonero Obw'okusabira Awamu

Okukkiriziganya

Omuntu bw'awaayo okusaba kwe eri Katonda, kikakafu nti waliwo n'abalala abalina okusaba kwe kumu era bakkiriziganya – kino kya maanyi nnyo! Tokirowooza nti olw'okubanga ensonga waliwo agisabidde, mpaawo mulala yetaaga kugisabira. “Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabanga ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu.” (Matayo 18:19). Nga kizzaamu nnyo amaanyi bwe tusitulibwa mu kusaba/ssaala!

Okukaayanira Ebiubizo Bya Katonda

Kubiriza abantu okukaayanira ebiubizo bya Katonda nga basaba. Kyanguwa nnyo okuteeka essira ku bizibu byaffe. Naye bwe tukaayanira ebiubizo bya Katonda, okukkiriza kwaffe kweyongera era netujjukira nti teri kirema Katonda. Ebiubizo bituyamba okuggya amaaso gaffe ku bunafu bwaffe n'ebituzibuwalira, bwetutyo ne twegeka amaaso gaffe ku Yesu. Bayibuli erimu ebiubizo eby'okukaayanira nga byekuusa ku buli bunafu bwaffe n'entalo. Kubiriza abantu okwongera okunoonyereza ku bisubizo n'okubiwandiika wansi balyoke babeere n'embavu ez'okubikaayanira mu biseera eby'omu maaso.

Okusiiba

Teekeratekera abantu abagenda okwetaba mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba engeri ey'okusiiba,okugeza nga okusiiba TV, ennyimba eza bulijjo, firimu, yintaneti, ebiwoomerera, oba ebika eby'emmere ebitayanguwa kukolebwaako. Mweyambiseeyo obudde obulala olw'okusaba n'okuyiga Bayibuli, nga musaba Katonda okubayamba okweyongera okubeerera ddala mu Kristo. Bwe tweyambisa endya ennyangu, kitwanguyirizaako mu kwetegekera okuwulira eddoozi erya Mwoyo Omutukuvu.

Omwoyo Omutukuvu

Mukakase nti musaba Omwoyo Omutukuvu okubala eky'okusabira mu bulamu bwa ssekinn'omu oba mu mbeera ey'enjawulo. Bayibuli egamba nti tetumanyi kya kusabira era nti Omwoyo Omutukuvu y'atukwasaganyiza embeera yonna.

“Era bwe kityo Omwoyo atubeera obunafu bwaffe: kubaaga tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira: naye Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka.” (Abaluumi 8:26). Katonda asanyukira essaala efaananako bw'etyo n'agyanukula. Bwe tulafuubana okuwaayo essaala mu linnya lya Kristo, wabeerawo amaanyi ag'obweyamo okuva ewa Katonda nti anaatera okwanukula okusaba kwaffe 'okusukkirira ku ebyo byonna bye tuyinza okusaba oba okulowooza'(Abafeeso 3:20)” (Christ's Object Lessons, p. 147).

Enkulukuunyo

Okukuumira essaala mu nkulukuunyo okuyita mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba kisobola okuyamba abakkiriza okwongera okunnyikira mu mulamwa ogw'okusaba okwa buli lunaku, okukola obweyamo obunyweevu eri Katonda, n'okusiiima emikisa gy'atuwa. Okuwandiika essaala zaffe n'okukuuma okwanukula Kwe mu nkulukuunyo kikakasiddwa okubeera engeri ezzaamu amaanyi.

Bwekiba kisoboka, watekebweewo obudde mu kiseera eky'okusaba abantu basobole okuwandiika ensonga zaabwe eri Katonda mu nkulukuunyo zaabwe ez'ekyama. Oba musobola okubeera n'enkulukuunyo ey'ebyetaaga okusabirako awamu mu kabondo n'okwanukula – mu katabo, oba ku kyapa ekinene, oba ku mutimbagano. Kisanyusa nnyo era kizimba okukkiriza kwaffe bwe tutunula emabega ne tulaba engeri Katonda gy'ayanukuddemu essaala zaffe!

Okusinza

Embeera ey'okusinza esaana ekubirizibwe. Tusemberera ekifo ekya nnamulondo eya Kabaka ow'ensi zonna. Tetulina kulagajjalira nsonga eno ey'okusaba mu nneeyisa yaffe ey'engeri zonna. Wabula, kino tekitegeeza nti tulina kufukamira buli kiseera. Abantu basaana okusigala mu mbeera ennungi okumala essaawa nnamba, n'olwekyo kubiriza buli muntu okufukamira oba okutuula oba okuyimirira nga Katonda bw'abeera amusobozesezza n'okusinziira bw'awulira obulungi.

Ebbanga ery'Essaala

Essaala zirina okubeera ennyimpi era nga zituukira ku nsonga. Kino kiwa abantu abalala nabo okusaba. Mufube okulaba nga essaala zammwe ziri mu bufunze. Buli muntu asobola okusaba omulundi ogusoba mu gumu. Essaala ennyimpi zinyumisa nnyo ekiseera eky'okusaba era ziganya ne Mwoyo Omutukuvu okuyamba akabondo ku ngeri ey'okusaba. Temwetaaga kuggulawo na kufundikira buli ssaala n'ebigambo nga “Ai Katonda” ne “Amiina.” Kulina okubeera okunyumyaamu ne Katonda okutasalako.

Akasiriikiriro

Omukulembeze talina kwefuga kiseera kyonna eky'okusaba. Ekigendererwa kiri mu kusobozesa abalala okusaba. Ebiseera eby'akasiriikiriro birungi nnyo, kubanga biwa Katonda obudde okwogera eri emitima gyaffe. Muganye Omwoyo omutukuvu okukola n'okuwa buli omu obudde okusaba.

Okuyimba

Okuyimba okuva mu bubondo nga kukolebwa wakati mu ssaala kuleetera embeera y'okusaba okunyuma. Ebirowoozo ku nnyimba biweereddwa ku nkomerero ey'olupapula olw'emiramwa. Temukitwaala nti ennyimba zonna za kukozezebwa – bino birowoozo. Okuyimba era kulungi mu kukuusa okuva mu kitundu ekimu eky'okusaba okudda mu kirala.

Okufuna Eby'okusabirako

Eby'okusabirako tebyetaaga kuggibwa mu bantu, wabula balina okusabira n'okukubiriza abalala okukkaanya n'okubisabira nga bali mu bubondo bwabwe. Ensonga eri nti: obudde! Okwogera ku by'okusabirako kijja kumalawo obudde bw'okusaba obusinga obungi. Abali mu bubondo bajja kutandikiranga mu kubudaabuda awamu n'okuwanjuna amagezi. Obuyinza buva eri Katonda! Gyetukoma okusaba, obuyinza Bwe gyebukoma okutusumululirwa.

Obudde Bwo Obwa Buli Lunaku

Kino kikulu nnyo! Omukulembeze osaana okuwaayo obudde buli lunaku nga oli ku bigere bya Yesu, nga oyogera naye era nga osoma Ekigambo Kye. Bw'onososowaza eky'okumanya Katonda mu bulamu bwo, kijja kukuggulirawo obulamu obw'ekyewuunyo. “Amaanyi agaakyuusa ensi gaasibuka mu kifo eky'ekyaama eky'okusaba. Eyo abaweereza ba Mukama gye baasinziira okuteeka ebigere byabwe ku lwazi olw'ebisuubizo Bye mu bukkakamu obutukuvu” (The Great Controversy, p.210). Omukulembeze bw'asaba, Katonda akola ku mitima!

Ennyanjula

Mwanirizibwa mu ennaku Ekkumi ez'Okusaba 2021! Tukikiriza nti okusaba ly'ezzaaliro ery'okudda obuggya. Katonda akoze eby'amagero bingi mu myaka egiyise okuyita mu kumunoonyeza awamu n'okusiiiba. Omwoyo Omutukuvu aleetedde bangi okukyuka, akumye omuliro ogw'okubuulira enjiri, azzizza buggya amakanisa, n'azzaawo enkolagana mu bantu.

Omulamwa ogw'Okusaba Kwaffe: Okunoonya Okudda Obuggya

Mwanirizibwa omwaka guno okunoonya okudda obuggya nga kuyita mu maanyi aga Mwoyo Omutukuvu mu bbanga ery'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Nga musaba, mukaayanire ekisuubizo kya Katonda eri Zerubabbeeri nga ekyammwe: "Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye" (Zekkaliya 4:6). Kweggamba, "Kyonna ky'oteekateeka tekijja kuyitamu lwa maanyi g'amagye oba ag'obuntu; wabula, Omwoyo wange y'ajja okukituukiriza!" Nze Mukama Katonda Nnyini buyinza nze akoze okusuubiza kuno."

Katonda ayagala okukola ebintu ebirungi ennyo mu bulamu bwaffe ne mu makanisa gaffe leero. Ateekateeka okusukkuluma ku busobozi bwaffe, era okusaba obutakoowa y'engeri yokka mwetuyinza okukolera byonna by'atutegekede. Atukubiriza bw'ati nti, "Mpita, nange naakuyitaba ne nkwolesa ebikulu n'ebizibu by'otomanyi." (Yeremiya 33:3).

Mutwegatteko mu kusabira okudda obuggya n'okusuubiza okw'okufukibwa okwa Mwoyo Omutukuvu. Musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda, mulyoke mulabe ebituli by'eggulu bwe bibaggulirwaawo!

Endagiriro ku Biseera eby'Okusaba

- Essaala zammwe zikumibwe nga nnyimpi – ebigambo bibeere bisaamusaamu ku buli mulamwa. N'abalala baweebwe omukisa nabo okusab. Omuntu asobola okusaba emirundi gyonna gy'ayagade, nga bwe kibeera mu kunyumya embooji.
- Temweraliikirira kubeerawo kw'akasiriikiriro, kubanga kino kiyamba buli muntu okuwuliriza Omwoyo Omutukuvu.
- Okuyimbira awamu ennyimba nga Omwoyo bw'abeera abasobozesezza kya mukisa mungi nnyo. wano tewetaagisa kivuga kyonna; okukooloobya kw'amaloboozi kwe kusinga wano.
- Mu kifo eky'okumala ebiseera nga mukunjaanya eby'okusabirako, kisingako bwe biteekebwa mu ssaala embagirawo. Bwebatyo n'abalala basobola okusabira ensonga ez'awamu nga kw'otadde n'okukaayanira ebisuubizo by'obwetaavu bwa buli omu.

Okukaayanira Ebisuubizo

Tulina omukisa ogw'okukaayanira ebisuubizo bya Katonda nga tuli mu kusaba. Amateeka Ge n'amagezi byegattira wamu mu bisuubizo gyetuli. Mpaawo ky'asobola kutusaba nga tewali busobozi bwa kukikola mu maanyi Ge.

Kyangu nnyo okuteeka essira ku mitawaana gyaffe n'ebitusoomooza – n'okukungubaga olw'embeera gyetulimu nga tusaba. Gano ssi ge makulu g'okusaba. Okusaba kuluubiramu okunyweeza okukkiriza kwaffe. Eyo y'ensonga lwaki tubakubiriza okukaayanira ebisuubizo bya Katonda mu kiseera kyammwe eky'okusaba. Amaaso go gaggye ku ggwe n'obunafu bwo ogakyuuse ogatunuulize Yesu. Bwe tumwegeka amaaso, tukuusibwa okudda mu kifaanya Kye.

Ellen White atuzzaamu bw'ati amaanyi: “Buli kisuubizo ekiri mu kigambo kya Katonda kyaffe. Fuba okulaba nga owaayo obweyamo obw'ekigambo kya Yakuwa, era okaayanire n'ebisuubizo Bye okuyita mu kukkiriza, olyoke obunduggulweko emikisa egy'omwoyo gyonna. Genda mu maaso n'okusaba era ojja kufuna n'ebisukka ku byonna by'osaba oba by'olowooza. (In Heavenly Places, p. 71).

Osobola otya okukaayanira ebisuubizo Bye? Okugeza, bw'obeera osabira emirembe, osobola okukozesa Yokaana 14:27 n'ogamba nti, “Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa: si ng'ensi bw'ewa, nze bwe mbawa. Omutima gwammwe tegweraliikiriranga so tegutyanga.’ Nsaba emirembe gye wasuubiza okutulekera.” Webaze Mukama olw'okubanga akuwa emirembe, wadde nga osobola okubeera nga tokiwulirawo mangu ago.

Okusiiba

Tubakubiriza okukozesa okusiiba okwa Danyeri mu Ennaku Ekkumi zino. Okubeera n'okusaba n'okusiiba ku ntandikwa ey'omwaka kiba kirungi nnyo mu kuwongayo obulamu bwaffe eri Katonda olw'omwaka omuggya. Ellen White atugamba nti, “Kaakano n'okweyongerayo okutuusa ku nkomerero y'ebiseera abantu balina okubeera obuliindaala, nga bazuukufu, nga tebesigamy'e ku magezi gaabwe, wabula mu magezi ag'Omukulembeze waabwe. Balina okufunayo obudde obw'okusaba n'okusiiba. Kiyinza obutetaagisa kuviira ddala ku mmere, wabula balina okulya mu ngeri ey'obwegendereza nga bakozesa emmere ennyangu” (Counsels on Diet and Foods, pp. 188, 189).

Danyeri tumumanyi nga bwe yalyanga ebibala n'enva endiirwa okumala ennaku kkumi. Naffe tubakubiriza okulya emmere ennyangu ennyo nga tuli mu ennaku Ekkumi zino. Bwe tubeera twagala ebirowoozo ebirungi ebisobola okuwuliriza eddobozi lya Katonda, era bwekiba nga twagala okumusemberera, tulina okulaba nga endya yaffe tetufuukira muziziko.

Okusiiba tekutegeeza kwerekereza mmere kyokka. Twongera okukubiriza okusiiba TV, firimu, emizannyo gya kompyuta, okuva ku yintaneti n'mikutu egya mukwanira wala (Facebook ne Youtube). Oluusi ebintu ebimu ebitaliimu kabi konna bitera okutumalira ebiseera byaffe bingi. Teeka ebbali buli kimu ky'osobola olwo nno olyoke ofune obudde obumala ne Mukama.

Okusiiba ssi ngeri y'amangu okufuniramumu eky'amagero okuva ewa Katonda. Okusiiba kutegeeza kwewombeeka Katonda asobole okukolera mu ffe, wamu n'okuyita mu ffe. Ka tumusemberere nga tuyita mu kusaba n'okusiiba, era naye anaatusemberera.

Omwoyo Omutuku

Mukakase nti musabye Omwoyo Omutukuvu okusobola okubalaga eby'okusabira mu bulamu bw'abantu oba mu mbeera ey'enjawulo. Bayibuli etutegeeza nti tetumanyi bya kusabira era nti Omwoyo Omutukuvu y'atwegayiririra ku lwaffe.

“Tetulina kukoma ku kusaba kuyita mu linnya lya Kristo kyokka, wabula n'okuyita mu kulung'amizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu. Kino ky'ekinnyonyola amakulu agakwaata ku Mwoyo nti 'naye Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutayogerekeka' (Abaluumi 8:26). Essaala ey'ekika nga ekyo Katonda asanyukira okugyanukula. Bwe tulafuubana okusaba mu linnya lya Kristo, mubeeramu obweyamo obuzito ennyo okuva ewa Katonda nga bulaga nti anaatera okwanukula okusaba kwaffe mu kusukkirira kwonna okw'ebyo bye tusaba oba bye tulowooza.” (Christ's Object Lesson, p. 147).

Okukkiriza

Mu Mwoyo Ow'obunnabbi tusoma nti “okusaba n'okukkiriza bijja kukola ekyo obuyinza bwonna obuli ku nsi kye butayinza kukola” (*The Ministry of Healing*, p. 509). Era twongera okutegeezebwa nti, “Tusobola okusaba ekirabo kyonna kye yasubiza; olwo nno netukkiriza nti tumaze okufuna, era bwetutyo netuwaayo okwebaza eri Katonda nga tulaga nti tumaze okufuna” (Education, p. 258). N'olw'ekyo mugifuule enkola ey'okwebaza Katonda embagirawo okuyita mu kukkiriza olw'ekyo ky'abeera agenda okukola n'engeri gy'agenda okwanukulamu essaalazammwe.

Okusabira Abalala

Tubakubiriza okusabira abantu Katonda baabakwasizza mu bulamu okuyita mu nnaku ekkumi ez'okusaba awatali kuzikiza. Okulondoba kubeere wakati w'abantu bataano ku musanvu – basobola okubeera ab'enganda, baliraanwa, bakozi banno, ab'emikwano, oba abantu b'omanyi. Waayo akaseera osabe Katonda akuwe abantu Be yetaaga okusabira. Musabe akuwe omugugu buli muntu gw'amutisse. Wandika amannya ku lupapula era ogateeke mu kifo ekikulu ennyo, okugeza nga mu Bayibuli. Ojja kwewuunya engeri Katonda gy'akolamu ng'ayanukula essaala zo!

Obuweereza Mu Kitundu Obw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba

Yesu takoma ku kutuyita kujja twetabe mu kusaba, wabula ayongera okutukubiriza twanukulire obwetaavu bw'abo abatwetoolodde. “Kubanga nnalina enjala ne mumpa ekyokulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnyambuza: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba.” (Matayo 25:35, 36).

Tusoma okuva mu kitabo kya *The Ministry of Healing* nti, “Tulina okubeera mu bulamu obwa 'Nnankobabbirye' – obulamu obw'okulowooza n'okuteeka mu nkola, obw'essaala ey'akasirise n'omulimu ogw'okunyiikira” (p. 512). Omulokozi waffe atwagadde ebitagambika, era tulina omukisa ogw'okugabana okwagala kwekumu ne mikwano gyaffe, baliraanwa baffe, kko n'abantu betutalinaako kakwaate abali mu bwetaavu.

Musabe Katonda abalage engeri gyemusobola okuweerezaamu abalala oluvannyuma lw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Nga mufuba okuteekateeka eby'okukola, mwewale okuwuguka okuva ku mulamwa ogw'okusaba. “Okusaba okw'amaanyi mukyaama kwe kulina okusoosowazibwa ku kukola okw'obuntu; kubanga kyetaagisa amagezi mangi okutegeera engeri ey'okulokolamu emyoyo. Nga tonnaba kuwuliziganya na bantu, wekumirenga wamu ne Kristo. Wetegekerenga obuweereza bw'abantu nga oli mu maaso nnamulondo ey'ekisa eky'eggulu” (Prayer, p. 313).

Eby'Okukozesa Ebirala mu Kudda Obuggya

Helmet Haubeil y'akulembeddemu enteekateeka ez'okusaba okwa 2021. Oluvannyuma lw'okukolera ebbanga eddene mu by'obusuubuzi, yakkiriza okuyitibwa kwa Katonda ku myaka 37. Aweereza nga omukulu mu kitongole ekijjanjabi eky'Abadiventi mu Bugirimaani, n'abeera omusunsuzi mu *mission newsletter*, era n'akulemberamu omulimu gw'enjiri mu Masekkati ga Asiya n'e Buyindi. Amaze ebbanga ng'azzaamu abakkiriza amaanyi okwetoloola ensi okuyita mu nkuŋŋaana n'ebitabo, nga kw'ogasse n'ekyavvuunulwa mu *Steps to Personal Revival*.

Helmet Haubeil asaba abasomi bawanuleyo ekitabo Steps to Personal Revival ku bwereere okuva ku mutimbagano gwe: <https://steps-to-personal-revival.info> (kiri mu nnimi ezisoba mu 40 ne mu maloboozi). Ebitabo ebirala mwemuli '*Abide in Jesus* ne *Spirit-filled Coworkers of Jesus*' (kinaatera okufulumizibwa).

Abaneetaba mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba basobola okwagala okusoma essuula zino wammanga nga bayongereza ku ndagiriro ez'okusaba eza buli lunaku

:

Olunaku 1

'Steps to Personal Revival,' Essuula 1, “Jesus' Most Precious Gift”

Olunaku 2

'Spirit-filled Coworkers of Jesus,' Essuula 1, “God Loves You”

Olunaku 3

'Abide in Jesus,' Essuula 2, “Surrender to Jesus”

Olunaku 4

'Steps to Personal Revival,' Essuula 2, “What Is the Center of Our Problems?”

Olunaku 5

'Steps to Personal Revival,' Essuula 2, “What Is the Center of Our Problems?”

Olunaku 6

'Steps to Personal Revival,' Essuula 3, “Our Problems Are Solvable—How?”

Olunaku 7

‘Steps to Personal Revival,’ Essuula 5, “The Key to Practical Experience”

Olunaku 8

“Abide in Jesus,’ Essuula 4, “Obedience Through Jesus”

Olunaku 9

‘Spirit-filled Coworkers of Jesus,’ Essuula 3, “Who Is Working: God Through Me or Me for God?”

Olunaku 10

‘Spirit-filled Coworkers of Jesus,’ Essuula 10, “Spiritual-Missionary Restart in Three Steps”

OLUNAKU 1 — EKIRABO KYA KATONDA EKY'OMUWENDO OMUNGI

“Talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.” (Lukka 11:13).

Mpaawo Kyennina

“Mukama, tuyigirize okusaba!” abayigirizwa bwe beegayirira. Baalabanga engeri Yesu gye yawuliziganya ne Kitaawe ow'omu ggulu bwebatyo ne bawulira obwetaavu obw'amaanyi ago mu bulamu bwabwe.

Yesu yabaanukula n'essomo ery'okusaba nga lya kukusula mu bitundu bisatu; essaala ya Mukama waffe, olugero olw'owomukwano ng'ajja mu matumbi budde, n'entikko-obwetaavu obwa Mwoyo Mutukuvu (Lukka 11:1-13).

Mu lugero (ennyiriri 5-8), omusajja teyalina kya kuliisa mugenyi eyatuuka mu matumbi budde. Omusajja ayanguwa okugenda ku muliraano asabeyo eky'okuliisa omugenyi we okutuusa lwe kimuwebwa. Mu lugero luno tukiraba nga tulina okujja eri Yesu okusobola okubeerako ne kye tugabana n'abalala. Lwe twagala okugabana Omugaati ogw'Obulamu n'abalala lwe tukitegeera nti mpaawo kya kugaba!

Awo nno Yesu w'alagira omutawaana mu lugero luno (Mpaawo kyennina) mu bwetaavu bwaffe obw'okusaba Omwoyo Omutukuvu: “Nange mbagamba mmwe nti Musabe, muliwebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo.” (Lukka 11:9).

Yesu Atukubiriza: Musigale Nga Musaba

Wano mu Lukka 11, Yesu akikkaatiriza emirundi 10 nti tulina okusaba Omwoyo Omutukuvu abeere mu bulamu bwaffe. Simanyiiyo buwandiike bulala mw'atukubiririza okussaayo ennyo omwoyo nga bw'akozesa okwagala okungi wano.

“Nange mbagamba mmwe nti **Musabe**, muliwebwa; **munoonye**, muliraba; **mweyanjule**, muliggulirwawo. Kubanga buli muntu yena **asaba** aweebwa; **n'anoonya** alaba; **n'eyeeyanjula** aligguiirwa wo. Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we **bw'alimusaba** omugaati, alimuwa ejjinja? oba ekyennyanya, n'amuwa omusota mu kifo ky'ekyennyanya? Oba **bw'alisaba** eggi, n'amuwa enjaba? Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu **abamusaba!**” (Luke 11:9-13).

Yesu yeyambisa ekigambo okusaba emirundi mukaaga mu nnyiriri zino entono, n'akkaatiriza okunoonya emirundi ebiri wamu n'okweyanula emirundi ebiri. Bino byonna bigambo bya kikulwa. Alagira ddala nti tulina kuteeka mu nkola okusobola okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Ennono ey'Oluayonaani ekozesebwa mu kigambo eky'okusaba ekisembayo eraga obutakomya nsonga ya kusaba. Ekituufu kiri nti Yesu ayagala tubeere bazuukufu mu bwetaavu bwaffe obwa Mwoyo Omutukuvu ng'ayita mu kwegayirira kuno.

Akimanyi nti waliwo ekintu ekikulu ennyo kye tsubwa kasita tetugenda mu maaso na kusaba emikisa emirungi egya Mwoyo Omtukuvu.

Bwe tusoma mu Christ's Object Lesson, p. 145, waliwo ebigambo bino nti: "Katonda tagamba nti saba omulundi gumu olyoke ofune. Wabula atukuutira okusaba obutakoowa. Omuntu atakoowa kusaba amaliriza ali mu mbeera ey'obwesimbu obwa nnamaddala, era nekyongera okumuleetera okwagala okufuna ebyo by'asaba."

Ka twebuulize ddala, lwaki Yesu yawaayo obudde bungi mu kusaba buli lunaku? Ellen White agamba nti, "Buli kumakya yawuliziganyanga ne Kitaawe ow'omu ggulu, ng'afuna okubatzibwa okuggya okwa Mwoyo Omutukuvu owa buli lunaku. (Signs of the Times, Nov. 21, 1895).

Eky'amazima, Yesu yali kya kulabirako kyaffe mu nsonga eno. Webuuzze: Bwekiba nga Yesu yetaaganga okuzzibwa obuggya okuva ewa Mwoyo Omutukuvu, olwo nze nkyetaaga kwenkana wa

Obujulirwa Okuva Eri Omukkiriza

Kitutte emyaka ebiri nga nsabira okufukibwa kwa Mwoyo Omutukuvu buli lunaku mu bulamu bwange.... Olugendo lwange ne Katonda lubadde lwa kyewuunyo ebitagambika. Ekibala ekya Mwoyo mu Abaggalatiya 5 kyeyongedde okweyoleka mu bulamu bwange okuva lwe nasaba Yesu okubeera mu nze, okunkozesa by'ayagala, n'okunfuulanga omuggya buli lunaku ne Mwoyo Omutukuvu. Nnina eesanyu lingi mu kusoma Bayibuli n'okugabana Kristo n'abalala; ate n'mbeera ey'obulamu bwange ekyuukidde ddala....

I have greater joy in reading the

Bible and sharing Christ with others, and I have a strong desire to pray for others; furthermore, my lifestyle has

changed dramatically. . . . Wenjange okusaba okwa buli lunaku olw'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu okumala eddima-nsi (wiiki) mukaaga olabe ekinaabeerawo" (C.H.).

Okusaba Ekigambo kya Katonda

Lwaki tetufuna nnyo kwanukulibwa eri essaala?

"Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, ao temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala; temulina kubanga temusaba. 3 Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi; mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe." (Yakobo 4:2, 3).

Dear Heavenly Father, please forgive us for neglecting to ask continually for the Holy Spirit.

Thank You that if we

confess our sins, You are faithful to forgive them.

Our request shows how much we value God's offer.

"If you then, being evil, know how to give good gifts to your children, how much more will your heavenly Father

give the Holy Spirit to those who ask Him!" (Luke 11:13).

Ai Kitaffe ow'omu ggulu, tusaba otusonyiwe olw'olw'okulagajjaliranga okusaba Omwoyo Omutukuvu. Tukwebaza olw'okubanga bwe twatula ebibi byaffe, oli mwesigwa okubitusonyiwa.

Okusaba Kwaffe Kulaga Omuwendo Gwetuteeka ku Ky'atuwa

“Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.” (Lukka 11:13).

Ai Kitaffe, webale nnyo olw'okutusuubiza okutuwa Omwoyo Omutukuvu. Tukusa otufukeko Omwoyo Omutukuvu kaakano, era tukwebaza n'olw'okutwanukula. Tuyigirize okwesigamanga ku kisuubizo kino.

Katonda Ayagala Okutuwa Obulamu mu bujjuvu!

“Akkiriza nze, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe. 39 Ekyo yakyogera ku Mwoyo, gwe baali bagenda okuweebwa abamukkiriza; kubanga Omwoyo yali tannaba kugabibwa; kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa.” (Yokaana 7:38, 39).

Ai Mukama, tukwebaza olw'okutuwa emigga egy'amazzi amalamu eri abo abakukkirizaamu. Tukusaba otuyambe okubeera abalamu bulijjo, okwongera okwewaayo eri Kristo olyoke otusobozese okutuukiriza ekisuubizo kino mu bulamu bwaffe.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunyanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkalisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne muni yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enyanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Spirit of the Living God (#672);
2. Sweet, Sweet Spirit (#262);
3. Fill My Cup, Lord (#493);
4. Sweet Hour of Prayer (#478);
5. Come, Holy Spirit (#269).

OLUNAKU 2 — OKUNYWEZA EKIRABO

“Mulyoke muweebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatukuvu botlaa obugazi n'obuwanvu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri, n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda, (Abafeeso 3:18, 19).

Okufuna, Okwewaayo, Okukula

Tusobola tutya okufuna obujjuvu bw'okwagala kwa Katonda? Musome ku Pawulo ky'ayogera mu Abafeeso 3:14-21.

1. Ekisooka, twetaaga okufuna ekirabo ekya Mwoyo Omutukuvu, “abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda” (olunyiriri 16).
2. Ekiddako, kwe kwewaayo eri Kristo era ne tubeera n'enkolagana wamu naye ey'olubeerera “Kristo atuulenga mu mitima g'yammwe olw'okukkiriza” (olunyiriri 17).
3. Olwo nno okukkiriza kwaffe ne kulyooka kukula okuyita mu Kristo ne Mwoyo Omutukuvu munda mu ffe. Tuli ba “kubeerenga n'emimizi munywezebwenaga mu kwagala” (olunyiriri 17).

Kiki ekivaamu? Tubeera n'obujjuvu obw'okwagala kwa Katonda. Atuwa amaanyi “wamu n'abatukuvu bonna obugazi n'obuwanvu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri,... n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa” (ennyiriri 18, 19).

Okwagala Kwa Katonda Kuwangula Buli Kigezo

Wetegerenze olugero olwa Omwana Omusaasaanya (Eyazaawa) oluli mu Lukka 15:11-32. Lwali lumu omutabani omuto n'agenda eri kitaawe (eky'ali ekifaananyi kya Katonda) n'alangirira nga bweyali ayagala okuva ewaka agende yefuge. Kirabikirawo nti ebiragiro by'ewaka (amateeka ga Katonda) by'ali tebimukolera. Omutabani yasaba eby'obusika bye byeyali talina kusaba mu kiseera kino, era bwatyo kitaawe n'amugabanyizaako ekitundu. Kitaawe yamuwa ebbeetu erijjudde olw'okubanga yalina okwagala gy'ali era n'assa ekitiibwa mu kusalawo kwe (nga Katonda bw'akolagana naffe).

Omutabani yabakana n'olugendo neyeyongerayo mu nsi ey'ewala, n'asaasaanya ensimbi ze mu bubaga ne mu bakazi abataliimu nsa. Ensimbi ze bwe zakendeera, “emikwano” ne gyeveera, era lwaddaaki yasigala nga talina yadde enusu. Ekinakuwaza ennyo, enjala ey'amaanyi yagwa mu nsi eyo mweyali. Bw'atyo yanoonya eky'okukola asobole okufuna engeri ey'okwebezaawo, era yasibira mu mulimu ogw'okulabirira embizzi. Enjala yamukalakata, kyokka nga takkirizibwa na kulya ku mmere ya mbizzi!

Era nga bwekitera okubeera mu biseera eby'obuzibu, yatandika okulowooza ennyo ku bulamu bwe. Yetegereza abakozi ba kitaawe nga bonna baalina ebibamala okulya kyokka nga ye abula okufa enjala, bw'atyo n'asalawo okudda eri kitaawe nga bw'agamba nti, "Nnaagoloka ne njenda eri kitange, ne mmugamba nti Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu manso go; sikyasaana kuyitibwa mwana wo; nfuula ag'omu ku baweereza bo ab'empeera." (ennyiriri 18, 19).

Omutabani yabakana n'olugendo okudda ewaka ng'ajjudde ebirowoozo, wabula kitaawe yali amulindiridde. Kitaawe yadduka okujja gy'ali n'amugwa mu kifuba n'omukwano omungi n'amunyweegera, wadde nga omutabani atekwa okuba nga yali mukyaafu era nga awunya bubu. Omutabani yali nga tannaba kumalayo kwatula kwe kwonna, kitaawe n'ayita abaweereza okumuleetera engoye ezisingayo obulungi n'okumutegekera ekijjulo. Eky'amazima yali ayagala omwana we nga bwegwali mu kusooka. Mu lugero luno tuwulira embooji yonna ey'obulokozi – okwenenya n'okwatula okw'omwonoonyi, Kitaffe aliindirira n'okwagala, n'essanyu ery'okutwaniriza nga tukomyeewo gy'ali. Katonda atwagala awatali kakwakkulizo! Naye tulina okugenda gy'ali, nga omutabani bwe yaddayo eri kitaawe. Okwagala kwa Katonda kuwangula buli kigezo! Tajja kulemererwa kukwaniriza.

Okwagala kwa Kitaawe kwonna kwasobola okulagibwa nga omutabani amaze kukomawo, olwo nno omutabani lweyali ayinza okufuna byonna kitaawe bye yayagala okumutuusaako. Teri kyaddamu kwekyiika mu nkolagana yaabwe ey'omuggundu, nga omutabani asobola okweyagalira mu bulungi bwa kitaawe mu bujjuvu, eyali takomyanga kumulindirira.

Bwe tuddayo ku kibuzo – tusobola tutya okubeera mu kwagala kwa Katonda mu bujjuvu? Nga tuyita mu bulamu obujjudde okwewaayo okwa buli lunaku eri Kristo nga tweyambisa amaanyi aga Mwoyo Omutukuvu. Era okwagala kwa Katonda bwe kujjula mu bulamu bwaffe, tufuuka emikutu egy'okwagala Kwe eri abalala; gyetukoma okuwa, gyetukoma okufuna. Ellen White agamba nti, "Wetaaga okubatizibwa okwa buli lunaku okw'okwagala okw'ali mu bayigirizwa mu nnaku ez'edda okwabaleetera okussa ekimu" (Testimonies for the Church, vol. 8, p. 191). Ddala lwaki kikulu nnyo okutegeera okwagala kuno okutukuvu? "Pawulo yalaba nti ekikula kya Kristo kirina okutegeerebwa abantu nga tebannamwagala oba okulaba omusaalaba n'eriiso ery'okukkiriza. Wano wewali entandikwa ey'okuyiga okujja okubeera amagezi n'oluyimba olw'abanunule okutuusa mu butaggwaawo" (The Acts of the Apostles, p. 273). Nga kisanyusa okuyiga ku kwagala okwa Omulokozi waffe okutenkanika, era okw'obwenyi obw'enjawulo! Toosalewo leero okukyuusa amaaso go ogateeke ku Yesu?

Okusaba mu Kigambo kya Katonda

Etteeka Ekkulu Lye Liruwa?

"Naye n'amugamba nti, 'Yagalanga Mukama Katonda wo n'amutima gwo gwonna, n'obulamt bwo bwonna, n'amagezi go gonna... N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti, Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.'" (Matthew 22:37, 39).

Ai Kitaffe, nkwebaza olw'okunjalaga. Nkusaba onnyambe okukwagala n'omutima gwange gwonna, n'ennuwulira yange yonna, n'amaanyi gange gonna. Webale nnyo

olw'okwanukula okusaba kuno nga bw'oyagala. Netaaga okwagala muliraanwa wange nga nesigama ku buyambi Bwo. Nfuula omukutu ogw'okwagla Kwo.

Tusobola Tutya Okunyweza Obuziba Obw'okwagala Kwa Katonda?

“Abawe mmwe, ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli, okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda: Kristo atuulenga mu mitima g'yammwe olw'okukkiriza; mubeerenga n'emmizi munywezebwenaga mu kwagala, mulyoke muweebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatukuvu botlaa obugazi n'obuwanvu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri, n'okutegeera okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa, mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwonna okwa Katonda” (Abafeeso 3:16-19).

Ai Kitaffe, nkusaba onnyweze nga ova munda okuyita mu Mwoyo Wo Omutukuvu. Negayirira Kristo abeere mulamu mu nze okuyita mu kukkiriza era annunnamye nsobole okunyerera mu kwagala Kwe. Nkwebaza olw'okumpuliriza n'okunyanukula, kubanga okusaba kuno kwesigamye ku by'oyagala.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'Okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunnamya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkansa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbandobendo, ne muni yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enjanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. Faith Is the Victory (#608);
2. My Faith Looks Up to Thee (#517);
3. Be Thou My Vision (#547);
4. To God Be the Glory (#341).
5. Other Songs: Behold What Manner of Love;
6. Lord, I Lift Your Name on High;
7. I Love You, Lord.

OLUNAKU 3 — OKWEWAYO KY'EKIKULU

“Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaayi: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. (Abaluumi 12:1).

Olugendo Lwange

Nalina emyaka 36, lwe nafiirwa mukwano gwange eyali omusumba ku myaka 41. Kino kyandeetera okwebuuzi nti: Kiki ekiyinda okubeerawo singa Katonda amala n'ampita okubeera omusumba? Nali kino sikyagalirako ddala n'akatono. Namala ebbanga lya ddima-nsi (wiiki) nnamba nga nnwanagana n'okwogerezaganya ne Katonda – buli ku makya, mu ttuntu, wamu n'ekiro. Namunonyola engeri gyensobola okumuweereza mu biti ebirala, naye ate nga tawulira kugaana kwange. Bwe nafukamira ku mabbali g'ekitanda kyange, ekirowoozo kyanzijira: Katonda akwagala! Ekirowoozo kino nali nkikiririzaamu.

Oluvannyuma lw'eddakiika entoonoto, okukkiririza mu kwagala kwa Katonda kwandeetera okweweerayo ddala. Nafuna emirembe mu nze. waayitawo omwaka gumu n'ekitundu Mukama n'ampita okufuuka omusumba era kati kitutte ebbanga nga nzijudde okwebaza gy'ali. Okwagala n'amagezi Ge bye byantuusa ku ngeri endala esukka ku gyennalina mu birowoozo. Kaakano okwewaayo kuno kulaga nga kwansumululira emikisa egy'amaanyi mu bulamu bwange. Katonda yankolera ekisingako obulungi.

Lwaki Kikulu Okwewaayo?

Nga Garrie F. Williams bw'awandiika nti, “Okwewaayo okwa nnamaddala kukulu nnyo eri obulokozi, okuzaalibwa obugya, okuwangula ekibi wamu n'okukemebwa, n'eri okujjuzibwa okwa Mwoyo Omutukuvu” (Engeri ey'okujjuzibwa ne Mwoyo Omutukuvu n'okukimanya). Tetulina ngeri yonna ematiza gyetyuza kukkaatirizaamu bubaka buno obuzzaamu amaanyi.

Okufaananako nga bwennamala okweweerayo ddala Katonda nalyooka akolera mu nze, n'omutume Pawulo bweyalina okusooka okulekayo obulamu bwe obw'emabega n'enteekateeka ze Katonda lwe yamuyita ng'agenda ku Damasiko. Bweyali awandiikira Abaluumi ebbaluwa, Pawulo yabakubiriza okuwaayo emibiri gyabwe nga saddaaka ennamu, n'okuwaayo ebitundu byammwe okubanga eby'okukoza butuukirivu eri Katonda” (Abaluumi 12:1; 6:13).

Abantu bangi tebewaddeeyo eri Katonda (oluusi lwa kwesuulirayo-gwa-nnaggamba) wabula obulamu bwabwe babututte mu ngeri gye baagala. Tebalina maanyi ga Mwoyo Omutukuvu, nga ky'ekirabo ekimerusa ebirabo bya Katonda ebirala byonna. “Wabula okufaananako nga ebisuubizo ebirala byonna, kirina obukwakkulizo obw'okukiweebwa. Waliwo bangi abakkiriza era abeegamba okukaayanira ekisuubizo kya Mukama; bayogera ku Kristo ne

ku Mwoyo Omutukuvu, kyokka ne batafuna muganyulo gwonna. Tebawaayo mmeeme kulunjamizibwa na kufugibwa bitongole ebitukuvu” (The Desire of Ages, p. 672).

Tulwanyisa nnyo okweggyako ebbeetu lyaffe ng’abantu, naye Katonda ky’ayagala kyawukana: “Katonda ayayaanira okutuwonya n’okutusumulula. Naye olw’okubanga kino kyetaagisa okukyuusibwa okw’obulambirira, nga obuzaaliranwa bwaffe bwonna buzzibwa buggya, tuba tulina okweweerayo ddala gy’ali” (Steps to Christ, p. 43).

Obulamu obw’ekibi tebuliimu ddembe nga bwe tukirowooza. “Buli mmeeme egaana okwewaayo eri Katonda, ebeera wansi w’obuyinza obulala. Omuntu oyo abeera tali yekka. Asobola okwogera ku ddembe, naye nga ali mu buddu obw’eddaala erisembayo. Tasobola kukkirizibwa kulaba obulungi obw’amazima, kubanga ebirowoozo bye bibeera wansi w’obuyinza bwa Setaani. Wadde nga yegamba okubeera nga atambulira mu mbeera ey’okusalawo kwe, abeera agondera omulangira ow’ekizikiza by’ayagala. Kristo yajja asobole okumenya enjegere ez’obuddu bw’ekibi ezizinzeeko emmeeme (The Desire of Ages, p. 466).

Kiki kyetuufirwa nga twewaddeyo eri Kristo? Asobolera ddala okutusumulula mu kujeezebwa kwaffe – okuva mu buggya, obusungu, okuyomba, omululu, ettamiiro, obukaawu, amalala, obutaliimu, okuggwaamu amaanyi, okwenyooma, n’ebirala. Mujjukire nti buli muntu ye buzibu gy’ali obukyasingiddeyo ddala. Ggwe asinga okubeera omuzibu gy’oli. Enkyuukakyuuka ebeerawo nga emmeeme yewaddeyo eri Kristo y’efuna empulizo y’eddembe eya waggulu. (The Desire of Ages, p. 466).

Omubumbi akola ku bbumba lyokka eriri mu mikono gye. eyo y’ensonga lwaki twewaayo eri Katonda. “Okwewaayo kw’amaanyi gaffe gonna eri Katonda kugonza nnyo ekizibu eky’obulamu. Kunafuya era ne kukendeeza entalo nkumu zetulina eziva mu kwagala okuli mu mitima egy’obuzaaliranwa” (My Life Today, p. 6).

Okwewaayo kwaffe kuleetawo essanyu ery’olubeerera. “Abantu bonna abakkiririza mu kigambo kya Kristo, ne bawaayo emmeeme zaabwe azikuume, ne bamuwa obulamu bwabwe okubukulemberanga, be bajja okufuna emirembe n’obuweerero. Teri nsonga mu nsi esobola okubanakuwaza nga Yesu abasanyusa n’okubeerawo Kwe. Wabeerawo ekiwummulo ekituukiridde mu kwewaayo okutuukiridde” (The Desire of Ages, p. 331). Akuyita olwa leero okufuna ekiwummulo kino ekituukiridde!

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Tufuule ebikozesebwa eby’okwagala Kwo.

“So temuwangayo bitundu byanmwe eri ekibi okubanga eby’okukoza obutali butuukirivu; aaye nwewengayo eri Katonda, ng’abaamu abaava mu bafu, n’ebitundu byanmwe okubanga eby’okukoza butuukirivu eri Katonda.” (Abaluumi 6:13).

Mukama, twagala okukuwa buli kitundu kya bulamu bwaffe. Tweyambise nga ebikozesebwa ku lw’ekitiibwa Kyo.

Obulamu bwaffe bufuule ekikolwa eky’okusinza.

“Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaayi: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.” (Abaluumi 12:1).

Kitaffe tukwebaza nnyo olw'okutwaniriza okutufuula ebitonde ebiggya. Tukasaba okutulaga engeri ey'okwewaayo gy'oli buli lunaku awatali kukugirwa. Tuyambe okukugoberera mu byonna okuyita mu maanyi Go.

Otukuume eri omubi.

“Tumanyi nga buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; naye eyazaalibwa Katonda amukuuma, omubi n'atamukomako.” (1 Yokaana 5:18).

Mukama, webale nnyo olw'okutusuubiza okutukuuma eri omubi nga tumaze okwewaayo gy'oli. Tukulemberemu mu kkubo Lyo ery'essanyu erituukiridde.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunyanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne munsu yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enjanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddobozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba:

1. SDA Hymnal: I Surrender All (#309);
2. Have Thine Own Way, Lord (#567);
3. Take My Life and Let It Be (#330);
4. Under His Wings (#529);
5. It Is Well (#530);
6. Just as I Am (#313)

OLUNAKU 4 — OKUTEEKA OKUDDA OBUGGYA MU NKOLA

“Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, ao temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala; temulina kubanga temusaba. Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi; mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe” (Yakobo 4:2, 3).

Siiga Ekifaananyi ku Bisoboka

Kuba akafaananyi nga omuntu omu abuulira obubaka obw’okudda obuggya mu kkanisa yo. Ku nkomerero y’obubaka akola omubuulizi ayita abawuliriza okukkiriza Yesu n’okumugobereranga bulijjo. Oba oli awo mpaawo n’omu avaaayo. Kale oba wavaayo abantu batono, oba walabikayo abantu bangi. Okuva lwekiri nti Katonda yakola omuntu nga yosalirawo, tetulina maanyi ku nnyanukula ey’omuntu eri okuyitibwa kwe. Era abantu abangi bwe bakkiriza obubaka bwa Katonda ne babuteeka mu nkola, olwo nno obujulirwa bwaffe bubeera bufunye obuwanguzi – ssi nsonga babufunye kuyita mu ngeri ki. Okukola okw’engeri eno kibeera kirabo kya Mwoyo Omutukuvu. Tusamaalirira nga tulaba engeri Katonda gy’akolamu eby’amagero.

Wabula emirundi egisinga obulamu bwaffe obw’Ekikristaayo tebuba na makulu. Naye kino tekitegeeza nti byetukola byonna bya bwereere, kubanga Mukama eky’amazima atuwadde omukisa emirimu gyaffe egy’obuntu egikolebwa mu bwesimbu. Naye nga okukola kwaffe kwandibadde kwenkana wa singa tulina okufukibwa okwa Mwoyo Omutukuvu? Katonda yekka y’amanyi ebisoboka! Pmubuulizi Henry T. Blackaby awandiika bw’ati nti, “Asobola okutuukiriza ensonga mu myezi mukaaga okuyita mu bantu abeewaddeyo gy’ali okusinga kyetwandikoze okumala emyaka nkaaga nga twesigamye ku maanyi n’amagezi gaffe” (Blackaby, *Experiencing God*, p. 108, revised edition).

Kisaana okusabirangaokudda obuggya, naye tetukoma awo. Nkwaniriza okuyita mu mitendera egyetaagisa okufunamu embeera ey’okudda obuggya ey’obuntu. Obulamu bwo busobola okubeera obw’amaanyi era obulungi okusinga ku bw’emabega nga olina omukisa gwa Katonda. Amaka go n’ekkanisa yo nabyo bisobola okufuna obulamu obuggya.

Kiki Ekibulawo?

Ekisooka, waliwo ebibuuzo: Entabiro ey’ebizibu byaffe eriwa? Yandiba nga ya mwoyo? Ffe obutafuna Omwoyo Omutukuvu kyandiba nga kisimbide mu mbeera yaffe ey’ekibogwe mu Bukristaayo? Bwekiba nga kituufu, kati lwaki tetulina Mwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe?

Okwanukula kwa Bayibuli: “Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, ao temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala; temulina kubanga temusaba. Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi; mulyoke mubikoze okwegomba kwammwe” (Yakobo 4:2, 3). Nga bwe twayiga ku lunaku olwasooka, Katonda atwagala tusabenga Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe bulijjo. “Lwaki tetulumwa njala na nnyonta olw’ekirabo ekya Mwoyo, okuva

Ilwekiri nti eno y'engeri gye tuyitamu okufuna amaanyi? Lwaki tetukyogerako, tetukisabira, tetukibuulirako?" (Testimonies for the Church, vol. 8, p. 22).

Yakobo ayongerera okuwa amagezi nti tetufuna nga tusabye mu bukyaamu. Kirabika ategeeza nti Katonda tasobola kutuwa mukisa nga ebirowoozo byaffe biri ku binti eby'omubiri. Pawulo annyonyola bw'ati nti, "Kubaaga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe" (Abaluumi 8:5, 6).

Okulowooza okw'omubiri Pawulo kw'ayogerako kwe kuliwa? Eky'amazima Ekigambo kya Katonda kiraga ebiwayi by'abantu bisatu n'enkolagana gyebalina wamu naye. Buli kiwayi kirina embeera ez'enjawulo okusinziira ku kutendekebwa okw'ekizadde, enneyisa ey'omu musaayi, okwefuga, emyaka, obuwangwa, eby'enjigiriza, n'ebirala. Wadde nga embeera zino zaawukana, tulina ebiwayi bisatu ebikulu: omuntu ow'obuzaaliranwa, omuntu ajjuzibbwa omwoyo, n'omuntu ow'endowooza ey'omubiri.

Ebiwayi bino ebisatu byogerwaako mu 1 Abakkolinso 2:14-16 ne 3:1-4. Kaakano tujja kutunula ku muntu ow'obuzaaliranwa; abeerawo mu nsi naye nga tannabeera na nkolagana ne Katonda. Ab'ekkanisa bagwa mu biwayi biri ebibiri, era okukubayo ekimunye ku buli nnyinyonnyola kujja kuyamba okumanya obuzibu we bweweese. Ekyebuuzibwa, ngwa mu kiwayi ki? Okwekenneenya mu bufunze kulina okiyambako mu kwejjanjaba – kasita tukijjukira nti tutunula ku bulamu bwaffe, sso ssi bw'abalala! Oli muntu wa kika ki?

Ow'obuzaaliranwa: Talina nkolagana na Katonda. Kubanga "takiriza bya Mwoyo gwa Katonda: kubanga bya busirusiru gy'ali." (1 Abakkolinso 2:14).

Ow'omwoyo: Alina enkolagana enzijuva, eya nnamaddala wamu ne Katonda. Bwe tubeera mu mwoyo, "ffe tulina okulowooza (omwoyo) kwa Kristo. (1 Abakkolinso 2:16).

Ow'omubiri: Alina enkolagana ne Katonda ey'ekimpatiiira oba ey'okungulu. "Nange, ab'oluganda, ssaayinza kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye ng'ab'omubiri, ng'abaaua abawere mu Kristo." (1 Abakkolinso 3:1).

Ekijja ku lunaku olw'okutaano: Njawulo ki eriwo wakati wa Omukristaayo ow'omwoyo n'owomubiri?

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Omwoyo Omutukuvu aluŋŋanya ebirowoozo byaffe.

"Kubanga abagoberera omubiri, balowooza bya mubiri: naye abagoberera omwoyo, bya mwoyo." (Abaluumi 8:5).

Kitaffe, tukimanyi nti tuli wansi w'amaanyi ag'omubiri oba aga Mwoyo Omutukuvu. Tukwegayirira otufuule Abakristaayo ab'omwoyo era ebirowoozo byaffe tubiteeke ku bya Mwoyo.

Tetukyafugibwa maanyi ga kuyaayaana kwaffe

"Kubanga mu Kristo Yesu okukomolebwa tekulina maanyi newakubadde obutakomolebwa, wabula okukkiriza okukola olw'okwagala. (Abaggalatiya 5:16).

Mukama, webale nnyo olw'okubanga Omwoyo Omutukuvu akutula amaanyi g'ekibi mu bulamu bwaffe. Tukwegayirira okukuza ekibala ekya Mwoyo mu mitima gyaffe. Tukwebaza olw'ekisuubizo kino eky'omuwendo.

Omwoyo atulokola okuva mu musango.

“Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe okunziya mu tteeka ly'ekibi n'ery'okufa.” (Abaluumi 8:1, 2).

Kitaffe, nga kisanyusa okubeera nga obusibe bw'ekibi bumenyebwa kasita tubeera mu Mwoyo Omutukuvu. Webale nnyo olw'okubeera nti Kristo yetikka omusango gwaffe n'atusumulula okuva mu kibi n'okufa.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunganya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkalisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbandobendo, ne mumsi yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enjanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Lord, I Want to Be a Christian (#319);
2. Power in the Blood (#294);
3. Showers of Blessing (#195);
4. Leaning on the Everlasting Arms (#469).
5. I Have Decided to Follow Jesus;
6. Shine, Jesus, Shine

OLUNAKU 5 — EBY'OMWOYO OBA EBY'OMUBIRI: ENJAWULO ERI LUDDA WA?

“Naye ffe tulina okulowooza kwa Kristo” (1 Abakkolinso 2:16).

Omukutu Olututuusa mu Ggulu

Nga tetunnaba kunnyonyola Abakristaayo ab'omwoyo n'ab'omubiri, tulina okukijjukira nti tetuli mu kwogera ku “boonoonyi” “n'abatali boonoonyi.” Abantu bonna, ab'omwoyo n'ab'omubiri boonoobyi abetaaga Omulokozi. Obutuukirivu bwaffe bwokka buva mu Ye. Wabula engeri ey'okuyingizibwa mu kimu ku biwayi byombi esinziira ku nkolagana ebeerawo wakati w'omuntu ne Mwoyo Omutukuvu. Katonda akiraga bulungi nti tetusobola kuggyawo nkolagana yaffe ne Mwoyo Omutukuvu enkwatagana yaffe n'eggulu n'etakosebwa (Matayo 12:32). Ellen White annyonyola nti, “oyo yenna agaana omulimu gwa Mwoyo Omutukuvu abeera yetadde mu kifo mwatasobolera kutuukibwaako kukkiriza na kwenenya. Katonda akola ku mutima ng'ayita mu Mwoyo” (The Desire of Ages, p. 322).

Era kituufu okukiddinjananga: omuntu yekka gwennina okuwewa mu by'omwoyo oba eby'omubiri ye nze kennyini. Katonda asobola okukola mu mitima emirala era tanneetaaza kuteeka bupande ku bakkiriza bannange. Amawulire amalungi gali nti bwembeera n'okusaalirwa olw'ekyo ky'ambikkulidde mu mutima gwange, asobola okunkyuusa okutandika n'olunaku lwa leero!

Omukkiriza w'Ekkansa ow'Omwoyo

Omuntu ow'omwoyo abeera Mukristaayo akyuukidde ddala. Wadde nga yazaalibwa mwonoonyi, ayitibwa “wa mwoyo” olw'okubanga alina enkolagana ne Mwoyo Omutukuvu Omutume Pawulo ky'ava awandiikz nti, “Naye omuntu ow'omwoyo akebera byonna, aaye ye yennyini takeberwa muntu yenna. Kubanga ani eyali ategedde okulowooza kwa Mukama waffe, alyokeamuyigirize? Naye ffe tulina okulowooza kwa Kristo.” (1 Abakkolinso 2:15, 16).

Yesu y'entabiro ey'obulamu bw'omuntu ow'omwoyo, afugira mu mutima gwe era n'amukulemberamu mu by'akola. Omuntu ow'omwoyo abeera yeweereddeyo ddala eri Yesu era asaba Omwoyo Omutukuvu obutaweera. (Lukka 11:13). Omuntu ow'omwoyo asobola okuyitibwa “abuguma,” mu bigambo bya Lawodekiya (Okubikkulirwa 3:15). Mu lugero lw'abawala (embeerera) 10, asobola okuyitibwa “omugezi” (Matayo 25:2-4). Omuntu ow'omwoyo abeera “n'obulamu obujjuvu” (Yokaana 10:10) era akkuzibwa “obujjuvu bwonna obwa Katonda” (Abafeeso 3:19). Abeera n'essanyu olw'okubanga “alokolebbwa lwa kukkiriza” (Abafeeso 2:8). Omuntu ow'omwoyo ne bw'afuna okunyigirizibwa n'okukemebwa, asigala amaaso ge agatadde ku Yesu.

Omukkiriza w'Ekkansa ow'Omubiri

Omuntu ow'ekika kino asobola okubeera n'enkolagana ey'ekibogwe ne Katonda. Omuntu ono asobola okweyisa nga atafaayo ku bya Mwoyo Omutukuvu oba okubeera

kyewaggula mu lwatu. Bino by'ebigambo bya Pawulo: "Nange, ab'oluganda, ssaayinza kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye ng'ab'omubiri, ng'abaaau abawere mu Kristo. Nnabanywesa mata, so si mmere; kubanga mwali temunnagiyinza: naye era ne kaakano temunnagiyinza; kubainga mukyali ba mubiri: kubanga mu mmwe nga bwe mukyalimu obuggya n'okuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula ng'abantu obuntu? Kubanga omuntu bw'ayogera nti Nze ndi wa Pawulo; n'omulala nti Nze ndi wa Apolo; nga temuli bantu buntu?" (1 Abakkolinso 3:1-4).

Wano tukiraba nti ekyesigamibwaako kirina kubeera nkolagana yaffe ne Mwoyo Omutukuvu. Omubiri kitegeeza omuntu atambulira mu kusalawo okw'obuntu; amaanyi aga bulijjo, so sig a Mwoyo Omutukuvu. Ate nga ekisingirayo ddala okubeera ekibi kwe kubeera nga tannaba kulondawo kufuna bulamu obutaggwaawo (Abaluumi 8:9).

Abantu ab'omubiri Pawulo yabayitanga "ab'oluganda." ekiraga nti baali bakkiriza ab'omu kkanisa. Yali tasobola kubayita "ab'omwoyo" kubanga baali tebasobola kujjuzibwa bulungi ne Mwoyo Omutukuvu. Baali tebannaba kukula mu kukkiriza nga bwe kyandibadde. Osobola okubeera mu kkanisa okumala emyaka egiwerako naye n'osigala nga oli Omukristaayo ow'omubiri. Kyangu nnyo okubeera n'okumanya ku Bayibuli naye n'otakula mu mwoyo. Abakristaayo bangi ab'omubiri bawulira obutamamira, okusaalirwa, oba okubulwa omulamwa mu bulamu bwabwe obw'omwoyo. Abamu batuuka n'okugamba nti, "Tuli bubeezi boonoonyi. Mpaawo kye tuyinza kukikolera."

Ate Abakristaayo abalala ab'ekika kino balina ebbugumu era bajjumbize, oba oli awo nga beenyumiririza mu bukulu bw'ebifo byabwe mu kkanisa. Ekinakuwaza, Yesu agamba bw'ati, "Bangi abalinjamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatulira nti Sibamanyangako mmwe: muve we ndi mwenna abakola eby'obujeemu.!" (Matayo 7:22, 23). Obuzibu bw'ali ludda wa? Baali tebalina nkolagana ya buntu ne Yesu, era nga tebalina nkwatagana nnamu ne Mwoyo Omutukuvu.

Bwe wezuula nga oli Mukristaayo ow'omubiri mu kiseera kino, totya! Olina obuvunaanyizibwa obw'obulamu obuggya okutanula ne kaakano. Abakristaayo bangi ab'omubiri bali mu mbeera eno mu butamanya; era osobola okubeera nga watandise dda okusabira embeera ey'okukkiriza okw'ebuziba. Yesu ayagala ofune "essanyu erijjudde" (Yokaana 15:11), era akuyita owummulire mu ssuubi ery'obulamu obutaggwaawo.

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Tukyali mu mubiri, naye waliwo essuubi.

"Nange, ab'oluganda, ssaayinza kwogera nammwe ng'ab'omwoyo, naye ng'ab'omubiri, ng'abaaau abawere mu Kristo. Nnabanywesa mata, so si mmere; kubanga mwali temunnagiyinza: naye era ne kaakano temunnagiyinza; kubanga mukyali ba mubiri: kubanga mu mmwe nga bwe mukyalimu obuggya n'okuyomba, temuli ba mubiri, era temutambula ng'abantu obuntu?" (1 Abakkolinso 3:1-3).

Ai Mukama, tukwebaza olw'okutuwa essuubi mu bigambo bino, kubanga kitujjukiza nti tetusaana kusigala mu mbeera eno. Twagala otukyuuse olwa leero. Tukweza olw'okutuwonya obuggya, okuyomba, n'okwawukana kasita tubeera mu Mwoyo Omutukuvu.

Ebibuuzo byaffe birina ebigendererwa eby'omubiri?

“Mwegomba so temulina: mutta, era mwegomba, ao temuyinza kufuna: mulwana era mutabaala; temulina kubanga temusaba.” (Yakobo. 4:2, 3).

Kitaffe, twekuyengera mu bwavu obw'omwoyo olw'okubanga tetusaba, oba olw'okusabanga n'ebigendererwa eby'okwerowoozaako. Tukwegayirira okyuusa mu ssaala zaffe n'okutulungjamyanga okuyita mu Mwoyo Omutukuvu.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulungjamyanga: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne muni yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enganda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Amazing Grace (#108);
2. Blessed Assurance (#462);
3. Whiter Than Snow (#318);
4. Redeemed (#337);
5. The Savior is Waiting (#289).
6. Change My Heart, O God;
7. Unto Thee, O Lord;
8. I've Been Redeemed

OLUNAKU 6 — EKY'OKUDDAMU KYA KATONDA ERI OKUTEGANA KWAFWE

“N'abagamba bonna nti Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefirize yekka, yeetikenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere. Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; naye buli alibuza obulamu bwe ku lwange oyo alibulokola.” (Lukka 9:23, 24).

Ebyama Bibiri eby'Okudda Obuggya okw'Olubeerera

Yesu alina eddagala eri Abakristaayo ab'omubiri abayagala okufuuka Abakristaayo ab'omwoyo. Agamba nti, “Mubeere mu nze, nange mu mmwe.” (Yokaana 15:4). Naye kino kisoboka kitya? Ellen White agamba nti okubeera mu Kristo kitegeeza –

1. “Okufuna Omwoyo Omutukuvu” okwa buli bbanga
2. “Obulamu obw'okwewaayo okw'obuteerekeramu mu buweereza Bwe” (The Desire of Ages, p. 676)

Eky'okuddamu kino eky'engeri ebbiri tekikoma ku kudda buggya kyokka, wabula ne ku bulamu Obukristaayo obw'essanyu. Lwaki? Yesu yagambya nti, “Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mumwe, era essanyu lyammwe lituukirire.” (Yokaana 15:11). Bw'okuba enta zino ebbiri, obeera ne “Kristo mu ggwe,” oba okubeerawo Kwe mu bulamu bwaffe obwa bulijjo, era kino kitegeeza nti tugabana ku ssuubi ery'ekitiibwa Kye (Abakkolosaayi 1:27).

Ensonga Enkulu: Okufukibwa okwa Mwoyo Omutukuvu tukusaba awamu n'okukufuna buli lunaku, era ne tuwaayo buli kimu kyetulina rea kyetuli eri Katonda. Ye y'atugabirira essanyu!

Twayogerako ku bukulu bw'okusaba Omwoyo Omutukuvu ku lunaku olwasooka, ate ku lunaku olw'okusatu ne tuyiga ku bwetwetaaga okwewaayo. Olwa leero tugenda kubeerako engeri endala ey'amadaala gano – nga essira tulitadde ku bwetaavu bwaffe obw'okusaba n'okwewaayo bu;I lunaku.

Lwaki Tulina Okusaba Omwoyo Omutukuvu Buli Lunaku?

Nasomako ku muyaaye eyakyuuka okudda eri Kristo mu myaka egiyise. Yayatula n'omutima gwe gwonna ebikyaamu bye yakolanga, era bwatyo naafuna okutaasibwa okuva ewa Katonda. Katonda yakyuusiza ddala obulamu bwe.

Kino kale kyansanyusa nnyo. Era muli ne neegamba nti, Nkola birungi byeerere mu bintu ebisinga, kyokka sinnaba kufuna mbeera nga ezo. Kyenava nsalawo okusaba nti, “Mukama, nange njagala okwatula ebibi byange byonna ebimanyiddwa wamu n'ebyo by'onootera okundaga. Mpozzi n'ekirala nja kuzuukukanga mangu buli lunaku nsabe awamu n'okusoma Bayibuli. Njagala ndabe oba nga onooberako ky'onkolera mu bulamu bwange.”

Katonda atenderezebwe, kubanga yenyigira mu bulamu bwange! Ssi lwa kubanga nnina bye nnakolanga, nga okuzuukuka nga bukyaali wabula olwokubanga neewaayo mu mbeera Omwoyo Omutukuvu mw'asobolera okuntuukako. Bwekiba nga Yesu yafunanga okubatizibwa okwa buli lunaku nga aky'ali ku nsi, kiri kitya eri ffe mu kwetaaga amaanyi gano? Pawulo ayogera bw'ati ku muntu ow'omunda nti, “afuuka muggya bulijjo bulijjo.” era n'asabira abantu ba Katonda,

“okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda” (2 Abakkolinso 4:16 ne Abaeefeso 3:16). Era Ellen White atuwa essubi lino nti: “Mukama mweteeefuteefu nnyo okuwa Omwoyo Omutukuvu eri abo abamuweereza okukira abazadde bwe bayinza okuwa ebirabo ebirungi eri abaana baabwe Buli mukozi alina okuteekayo okusaba kwe okw'okubatizibwa ne Mwoyo buli lunaku eri Katonda” (The Acts of the Apostles, p. 50). Omuntu waffe ow'omunda yetaaga okufaayo okwa buli lunaku.

Lwaki Tulina Okwewaayo Buli Lunaku Eri Yesu?

Yesu bweyali nga agezaako okuyamba abayigirizwa Be okutegeera engeri y'obuyigirizwa ey'okwewaayo, yabagamba nti, “Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere.” (Lukka 9:23). Okugaana okwerowoozaako kitegeeza okuwaayo obulamu bwaffe buli lunaku Yesu abafuge. “Nfa buli lunaku” (1 Abakkolinso 15:31)

Ekikula kyaffe eky'obuntu kigaana okwewaayo, nga twerabidde nti, “kubanga bwe mba omunafu, lwe mba ow'amaanyi” (2 Abakkolinso 12:10). Obulamu obw'okungulu tubufuna mu kuzaalibwa, kyokka ne tusigala nga tulya emmere buli lunaku olw'okubeezaawo embeera ey'omubiri. Obulamu obw'omwoyo tubufuna nga tumaze okuzaalibwa nate, wabula tusigala twetaaga emmere ey'omwoyo buli lunaku kubanga bwakitaba kityo tubeera ba kufa. Nga bwe tutasobola kulya mmere ey'ebiseera eby'omumaaso nga wakyabulayo ebbanga, na bwekityo bwekitasoboka kwewaayo eri Kristo ku lw'enky. Ellen White agamba nti, “Okutukuzibwa kwaffe ne bwekuba nga kw'ali kujjuvu mu biseera eby'okukyuusibwa, tekubeera na mugaso okuggyako nga waliwo okuzzibwa obuggya buli lunaku” (Our Father Cares, p. 144).

Engeri ey'Okutandika

Engeri esingirayo ddala obulungi era nga ye yokka mu kufuna Omwoyo Omutukuvu n'okwewaayo eri Yesu buli lunaku y'ey'okusinzanga okwa buli lunaku okw'obuntu. Okuggyako nga tulonzeewo Katonda buli lunaku, ebisuubizo byaffe n'ebigendererwa byaffe ebirungi bibeera nga “emiguwa egy'omusenyu” (Steps to Christ, p. 47). Onomalirira leero okugabana naye ekitundu ky'olunaku lwo ekisingayo obulungi? “Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako” (Matayo 6:33).

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Sigala mu nkolagana eriwo esingayo obulungi

“Mubeere mu nze, nange mu mmwe. Ng'etabi bwe litayinza kubala bibala lyokka, bwe litabeera mu muzabbibu, bwe kityo nammwe temuyinza, bwe mutabeera mu nze.... Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga” (Yokaana 15:4, 7).

Mukama, webale nnyo olw'okukuza obwesige bwaffe buli lwe twewaayo gy'oli. Tukulemberemu mu kumanya obulungi ennyo Omwoyo Omutukuvu. Ka tuyaayaanire Ggwe by'oyayaanira.

Beeranga mu nkolagana esingayo obulungi buli lunaku.

“N'abagamba bonna nti Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefirize yekka, yeetikenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere.” (Lukka 9:23).

“Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n'obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako” (Matayo 6:33).

Ayi Mukama, tuyigirize okukusoosowazanga mu buli kimu. Tulage engeri ey'okutandikangamu olunaku nga tuli naawe.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunyanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkalisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne muni yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enganda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: I Need Thee Every Hour (#483)
2. Day by Day (#532)
3. Abide With Me (#50)
4. Turn Your Eyes Upon Jesus(#290)
5. Moment by Moment (#507)
6. Open Our Eyes, Lord;
7. Seek Ye First.

OLUNAKU 7 — OKUSABA EBISUUBIZO BYA KATONDA

“Musabe muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo” (Matayo 7:7).

Obuwanguzi Obutasoboka Bufuuka Obusoboka

Yesu yatununula “tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo olw'okukkiriza” (Abaggalatiya 3:14). Naye tuziimba tutya okukkiriza mu ekyo kye yasuubiza? Tusobola kusaba tutya tulyoke twekakase okujjuzibwa ne Mwoyo Omutukuvu? Omutima oguzziddwa obuggya guleetawo gutya obulamu Obukristaayo obwannamaddala?

Namala emyaka mingi nga waliwo enkola gyennali mmanyi eyitibwa “okusaba awamu n'ebisuubizo,” naye nga sigikozesangako yadde n'akatono. Bwe nazuula emikisa egy'okusaba ebisuubizo bya Katonda, nayagala nnyo okukigabana n'abalala. Nawandiikayo ekitabo emyaka egiyise ekiyitibwa, ‘Steps to Personal Revival,’ nga kirimu essuula ekwata ku ngeri ey'okusabira mu Kyawandiikibwa bw'eri enkola ey'embeera ey'Obukristaayo. Abaakisomako baaweereza buno obujulirwa:

“Saakirowozaako nti ndifuna okumanya okuggya nga kuno ku kusaba – okusaba nga osinziira ku bisuubizo bya Katonda, nga bwe wannyonyola. Katonda ampadde obuwanguzi mu bulamu bwangu bwennali ndwoowa okubeera nga tebusoboka mu kiseera kino.”

“Okuva lwe nayiga okusabira mu bisuubizo, obulamu bwange bufunyeewo enkyuukakyuuka.... Mukyala wange alabye okukyuuka okujjvu mu nze. Beppo nange nkyewuunyiza ddala.”

Naawe Kigezese.

Kitegeeza ki okusabira mu bisuubizo? Tulondawo ekisuubizo kya Bayibuli oba ekiragiro ne tuwaayo ebigambo ebyo mu ssaala eri Katonda. Tumwesigamako akole nga bwe yasuubiza. Tumuwa omwagaanya okutukulemberamu mu kusaba awamu n'okwogera gyetuli ng'ayita mu Kigambo Kye. Era bwe tubeera n'okubusabuusa – nga bwe kitera okubeerawo eri abangi – tusonga ku bisuubizo era ne tubikaayanira nga obweyamo bwa Katonda obw'obwebange. Nga tujjuza Ebyawandiikibwa mu mitima gyaffe ne mu ssaala zaffe, okukkiriza kwaffe kwogera okunyeera era ne tumanya endowooza ya Katonda mu ngeri esukka ku gyetubadde tumumanyiimu. Ellen White awandiika bw'ati nti, “Okuggyawo ebisuubizo bya Katonda okuva mu “Kigambo Kye kubeera nga okuggyawo enjuba okuva mu bwengula.... Katonda yateekawo ebisuubizo mu Kigambo Kye olw'okutusobozesa okubeera n'okukkiriza mu Ye. Okuyita mu bisuubizo bino, aggyawo olutimbe olw'obutaggwaawo” (My Life Today, p. 338).

Bayibuli etuwa endagiriro ennungi ku ssaala zaffe. Ekisooka, tugambibwa okuwaayo okusaba kwaffe nga tuyita mu linnya lya Yesu: “Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga (Yokaana 14:14). N'era Katonda atuwa ekisuubizo ekigazi nti ayanukula essaaala nga zeekuusa ku by'ayagala: “Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye” (1 Yokaana 5:14, 15). Katonda alaga by'ayagala ng'ayita mu biragiro

n'ebisuubizo bya Bayibuli. Olunyiriri 15 lwongerezaako nti: “era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.”

Ekyo kitegeeza ki? Bwe tusaba ensonga nga tukimanyi nti egwa mu ebyo Katonda by'ayagala, abeera agenda mu maaso n'okugyanukula mu budde obwo bwennyini. Tuyinza obutalaba bivaamu n'amaaso, ate era tetutera kwetegereza kintu kyonna mu mmeeme. Wabula essaala zaffe teziyanukulibwa lwa nnewulira, bakira ziddibwaamu lwa kukkiriza. Empulizo zijja luvannyuma, wabula kaakano obwesige bwaffe buli mu kisuubizo.

Eky'okulabirako, nnina kye njize okuyita mu kusaba n'abantu abatamiivu b'omwenge wamu ne 'nicotine.' Basooka kusabira kuwonyezebwa ettamiiro, era ne watabeerawo nkyukakyuka yonna. Babeera balina okufuna okuwonyezebwa nga bayita mu kukkiriza. Wabula akabanga bwe kayitawo beesinjaana nga tebakyalina ddoowo ekkadde ery'okunya oba okufuuweeta taba. Mu kiseera kino babeera bafunye okuwonyezebwa kwe baasabira.

Ellen White ayongerako ku bigambo eby'okusabira mu bisuubizo. “Katonda abeera musanyufu nnyo bwe bamusaba ensonga eza waggulu ennyo, balyoke bagulumizise erinnya Lye. Basobola okusuubira ebintu eby'amaanyi kasita babeera n'okukkiriza mu bisuubizo Bye” (*The Desire of Ages*, p. 668). “Mwegayirire ku lwa Mwoyo Omutukuvu. Katonda takyuusa kye yasubiza. Nga okutte Bayibuli mu mikono gyo gamba nti, Nkoze nga bw'ogambye. Mpaayo ekisuubizo Kyo nti, 'Musabe muliweebwa; munoonye, muliraba; mweyanjule, muliggulirwawo (Matayo 7:7)” (Christ's Object Lessons, p. 147).

Yesu asubiza nti, “Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize ga mubiweereddwa, era mulibifuna” (Makko 11:24). Osabira mu bisuubizo Bye buli lunaku? Bwe tusaba mu linnya Lye n'okusinziira ku by'ayagala, eggulu lyonna linyenzezebwa!

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Katonda alindiridde okutuwa Omwoyo Omutukuvu

“Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!” (Luke 11:13).

“Ekyo yakyogera ku Mwoyo, gwe baali bagenda okuweebwa abamukkiriza; kubanga Omwoyo yali tannaba kugabibwa; kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa” (Yokaana 7:39).

“Naffe ffe bajulirwa b'ebigambo ebyo, era n'Omwoyo Omutukuvu, Katonda gwe yawa abamugondera.” (Acts 5:32).

Kitaffe, tusoma nti ojja kugaba Omwoyo Omutukuvu eri abo abakusaba, eri abo abakukkirizaamu, n'eri abo abakugondera. Kino kye tuyaayanira. Tukasaba okituukirize mu bulamu bwaffe, kubanga tetusobola kukikola ku lwaffe. Webale nnyo olw'okufukumula okwagala Kwo mu mitima gyaffe.

Atuyita okujjuzibwa ne Mwoyo.

“So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo” (Abaeeso 5:18).

Ai Kitaffe, tuyigirize okusabanga obutakoowa olw'okufukibwa okwa Mwoyo Omutukuvu. Tetwagala kujula Mwoyo nga abawala embeerera abaali abassiru. Tujjuze amagezi agasangibwa mu Kigambo Kyo.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okuluyjamy: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne munsu yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enyanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoboosi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Standing on the Promises (#518)
2. Wonderful Words of Life (#286)
3. Give Me the Bible (#272);
4. Great Is Thy Faithfulness (#100). Other Songs
5. Ancient Words
6. Psalm 19 Song

OLUNAKU 8 — OBUWULIZE OKUYITA MU YESU

“Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya.” (2 Abakkolinso 5:17).

Emitendera egy'Okukkiriza

Ojjukira eky'amagero Yesu kye yasooka okukola ku mbaga e Kaana? Malyamu, nnyina wa Yesu yagamba abaweereza nti mukole buli ky'anabagamba (Yokaana 2:5). Mu kwogera bino, Malyamu yazimba obwesige bwabwe mu Yesu. Bwe yabagamba okuteeka amazzi mu masuwa, ekyo kyennyini kye baakola. Bw'atyo Yesu n'abagamba nti, 'Musene kaakano, mutwalire omugabuzi w'embaga' (olunyiriri 8). Era baagondera ekiragiro Kye, wadde nga kyalabika nga ekyekango – mangu ddala ne bategeera nti baali bajulidde eky'amagero. Ddamu otunule ku mitendera gino nate:

1. Ebiragiro bya Malyamu byazimba obwesige bw'abaweereza mu Yesu.
2. Abaweereza baalaga obwesige bwabwe n'obwetefuteefu bwabwe nga bakolera ddala ekyo Kristo kye yabasaba. Kweggamba, baayita mu mitendera egyabaggulirawo eky'amagero.
3. Yesu yekka y'eyakola eky'amagero.

Abaweereza tebalina kyebaakola mu kufuula amazzi omwenge – naye nga eky'amagero kyandibaddewo awatali mitendera egy'enteekateeka? Obuwulize obw'okukkiriza bwe bukola nno: Tulondawo okwesiga Yesu, ne tuwaayo okwagala kwaffe gy'ali, ne tubeera abawulize eri emitendera egy'okukkiriza. Wabula Yesu – era Yesu yekka – y'akola eby'amagero.

Engeri Gye Kikolamu

Omutume Pawulo annyonyola nti ekyama kitubikkuliddwa olw'ekigendererwa ekituufu – olw'okuleetawo obuwulize obw'okukkiriza (laba Abaluumi 16:25-27). Ekyama kino kye kiriwo? Okusenziira ku Abakkolosaayi 1:27, kya “Kristo mu ffe.” Olwo biki ebivaamu kasita obuwulize obw'okukkiriza bufunibwa mu Kristo? “Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya” (2 Abakkolinso 5:17). Kristo bw'abeera mu ffe awamu n'okukolera mu ffe tufuna obulamu obuggy. Tuli bitonde biggya!

Bwe tubeera ne “Kristo mu ffe,” endowooza yaffe eri amateeka Ge ekyuuka. “Era ebiragiro Bye tebizitowa” (1 Yokaana 5:3). “N'omugugu gwange mwangu,” Yesu bwe yagamba (Matayo 11:30). “Era naasanyukiranga ebyo bye walagira, bye nnaayagalanga, kubanga amateeka g'akamwa ko gampoomera nze okusingaebitundu eby'ezaabu n'effeeza enkumi n'enkumi” era “bimpoomera mu kibuno kyange, bisinga omubisi gw'enjuki kamwa kange!” (Zabbuli 119:47, 72, 103). “Abaagala amateeka Go balina emirembe mingi” (Zabbuli 119:165). Obuwulize obw'okukkiriza busanyusa nnyo kubanga Katonda okuyita mu kwagala Kwe, atuwadde ebiragiro ebirungi ennyo.

Wadde nga obuwulize nsonga nkulu, tebutuweesa bulokozi n'akamu, ate era tetubulina lwa bulungi bulungi bwaffe. Ellen White agamba nti, “Oyo yenna agezaako okuyingira eggulu ng'ayita mu bikolwa bye ng'akwaata amateeka abeera akootakoota mu ga lumonde. Omuntu

tasobola kulokolebwa awatali buwulize, wabula ebikolwa bye tebirina kubeera bibye; Kristo alina okumukoleramu ebyo Ye by'ayagala" (Faith and Works, p. 94). Wano ensonga ssatu ezitasaana kubuusibwa maaso:

1. Kizibu okutuuka mu ggulu olw'ebikolwa byange. Okugezaako okufuna ekintu okuva ewa Katonda kiba kya bwereere.
2. Obuwulize bubeera kitundu ku bulamu obutambula ne Katonda, okuva lwekiri nti abagoberezi ba Yesu bayitibwa okutambulira mu ebyo by'ayagala.
3. Obuwulize tebulina kuva mu kukola kwaffe, wabula bulina kubeera ky'amagero ekituukirizibwa Kristo mu ffe.

Kitundu Ki Kye Tuzannya?

Mpaawo kye tusobola kukola olw'okulokolebwa, wabula Katonda asiima okusalawo kwaffe n'okulondawo nga bwe tulaba. Okusinziira ku Ellen White, "Mukama yateekateeka nti amaanyi amatukuvu gajja kukolaganira wamu n'okufuba kw'omuntu" (Ye Shall Receive Power, p. 10). Ekyo kitegeeza ki?

1. **Okwesiga.** Tulondawo okukuza obwesige bwaffe mu Yesu, okukolera mu ffe "okwagala n'okukola" (Abafiripi 2:13). Atutondamu embeera ey'okwagala era n'atulaga kye twetaaga okukola.
2. **Okusalawo.** Tulina okusalawo okukola Katonda by'ayagala. Okuva lwekiri nti assamu ekitiiba mu kusalawo kwaffe ne kye twagala, ajja kuyingira mu nsonga zaffe kasita tukola okusalawo. Akulindiridde.
3. **Tuyita mu mitendera egy'okweteekateeka.** Tulaga okusalawo kwaffe mu mitendera egy'obuwulize, mu bugazi oba mu bumpi.
4. **Katonda yekka y'akola omulimu ogw'obulokozi.**

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Obuwulize butuganya okunyumirwa okwagala kwa Katonda mu bujuvu.

"Alina ebiragiyo byange, n'abikwata, oyo nga ye anjagala: anjagala anaayagalibwanga Kitange, nange nnaamwagalanga, nnaamulabikiranga" (Yokaana 14:21).

Kitaffe, webale nnyo olw'okutulaga engeri ey'okufunamu obulamu obusingira ddala obulungi. Tusonyiwe lwe tugaana amateeka Go n'okwagala Kwo. Tuyambe okusobola okukwesigira ddala n'okuweerayo ddala emitima gyaffe gy'oli.

Katonda asanyuka bwe tumusaba emitima emitegeevu

"Kale muwe omuddu wo omutima omutegeevu. . . . Awo ebigambo ebyo ne bisanyusa Mukama, . . . laba, nkoze ng'ekigambo kyo bwe kiri" (1 Bassekabaka 3:9, 10, 12).

Mukama, tukusaba okutuwa emitima emigonvu. Tusaba okufuna obwesige obwannamaddala mu kukulemberwa Kwo n'enkola Zo, newakubadde nga oluusi tetuba na kutegeera. Tuyigirize okusobola okulaba obuwulize okuyita mu maanyi aga Mwoyo Omutukuvu nga essanyu, so si nga omugugu.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunyanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkalisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne munsu yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enyanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddoozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Trust and Obey (#590)
2. Live Out Thy Life Within Me (#316)
3. I'll Go Where You Want Me to Go (#573)
4. He Leadeth Me (#537)
5. O Master, Let Me Walk With Thee (#574)

OLUNAKU 9 — NKOLERA KATONDA – OBA KATONDA AKOLA OKUYITA MU NZE?

“Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange” (Abaggalatiya 2:20).

Okutondebwa olw’Emirimu Emirungi

Omuyizi w’ebyeddiini okuva mu Austria, Zsolt yamalibwaamu amaanyi. Yali ayitiddwa mu Kenya okubuulira enjiri, naye nga abantu 30 be baakunjaananga buli kiro mu ddima-nsi (wiiki) eyasooka. Yali asuubidde abalala okweyongera okujja, naye bwe kyamusukkako ne yeesibira mu kisenge kye n’asaba okumala essaawa nnya. Ng’amaze okuyiwa okunyolwa kwe mu maaso ga Katonda, yeweerayo ddala yenna era n’alindirira. Yali mukakafu nti Katonda amuwulirizza, wadde nga okutya n’okubuusabuusa by’ali bikyamusibyeeke akanyaaga. Okukunjaana kw’akawungeezi kwatuuka: abantu 600 ne bajja! Olwaddako ne bawera 700, lwaddaaki ne bawera 1,000. Ku nkomerero, abantu 39 baabatizibwa olw’ekisa kya Katonda.

Buli lwe tugezaako okukolera Katonda ebintu eby’amaanyi, tubeera n’ekibuuzo ekikulu: Neyambisa busobozi bwange okubeerako ne kyenkolera Katonda? Oba Katonda akolera mu nze nga ayita mu busobozi Bwe obutukuvu?

Bayibuli egonjoola ekyama kino eky’engeri Katonda gy’akolera mu bantu abanafu. “Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw’ebikolwa ebirungi, Katonda bye, yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu” (Abafeeso 2:10). Olunyiriri luno lukwata ku “bikolwa” bibiri. Ekisooka, Katonda “atutondede mu Kristo Yesu.” Buno bwe bulamu obutuweerebbwa mu Kristo. Olwo nno Katonda n’akola omulimu ogw’okubiri mu ffe: “emirimu emirungi” egyatutegekerwa edda okugikola. Tulina kweyisa tutya Katonda okusobola okutukoleramu emirimu gino?

1. **Beera mu Mwoyo Omutukuvu:** “Tebasobola kutegeera Katonda ky’asobola kukolera mu bo, okutuusa nga bafunye Omwoyo” (Ye Shall Receive Power, p. 286).

2. **Beera mu kwewaayo okujjuvu eri Kristo:** “Oyo eyewaayo mu bujjuvu eri Katonda ajja kulunjamizibwa omukono omutukuvu. . . . Bw’anettanira amasomo ag’amagezi amatukuvu, ajja kukwasibwa omulimu omutukuvu” (The Acts of the Apostles, pp. 283, 284).

Mu kutuukiriza amakatala Katonda g’atutegekede, kituviiramu okukula mu kukkiriza, n’enkyuukakyuuka mu maanyi ag’omwoyo n’agebirowoozo. N’okulemwa kwaffe kutuwa eby’okuyiga, kubanga twongera okubangulwa nti mpaawo kufuba kwa muntu kusobola kuwangula nga Katonda tateerebbwa mu kifo ekisooka. “Okubuulira ekigambo tekuliba na makulu okuggyako nga Omwoyo Omutukuvu waali okuyambako. (The Desire of Ages, p. 671).

Si lwa Maanyi, Yadde Obuyinza

Nga ababuulizi bwe betaaga Omwoyo wa Katonda okubongeramu amaanyi, bwebatyo n’abawandiisi ab’eby’omwoyo bwe balina okuba: “Obulokozi bwa Katonda bwe bubeera wamu

n'omuwandiisi w'olupapula, omwoyo gwegumu ogujja okuwulirwa omusomi. . . . Naye olupapula bwe luwandiikibwa omuntu ateweereddeyo ddala ku lw'ekitiibwa kya Katonda, nga teyeweereddeyo ddala gy'ali, bamalayika banyolwa olw'embeera eno. Bakyuusa ne bavaawo awatali kuyamba ku musomi kubanga Katonda ne Mwoyo we tebali mu kiwandiiko. Ebigambo bibeera birungi, naye nga tebirina maanyi aga Mwoyo wa Katonda" (EGW Letters and Manuscripts, vol. 1, p. 532).

Ennono eno ntuufu mu buli kkatala, oba bwa mwoyo, kuyigiriza, kukulemberamu mulimu gwa njiri, kutendekebwa kwa mwana, oba ekintu ekirala kyonna. "Amaanyi agava mu bantu si gegavaamu obuwanguzi, wabula obuyinza bw'amagye ag'eggulu nga bukolera wamu n'abantu wewava obuwanguzi mu kutuukirira kw'omulimu" (Christian Service, p. 260). N'omuntu Yesu ow'e Nazaleesi yesigamanga ku nkolagana y'eggulu eya buli lunaku. Yabuuza abayigirizwa Be nti, "Tokkiriza nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze? Ebigambo bye mbagamba nze, sibyogera ku bwange nzekka; naye Kitange bw'abeera mu nze akola emirimu gye" (Yokaana 14:10). Oba kale ka tutunuleko ku mutume Pawulo. Omusajja omu ono yasobola atya okukola omulimu gw'enjiri ogw'amaanyi bwegutyo? Yagamba nti, "Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze?"n(Abaggalatiya 2:20). Pawulo yewaayo n'akkiriza Kristo okukulemberamu mu bulamu bwe. Yannyonyola bw'ati, "Kubanga siryanjanga kwogera kigambo kyonna wabula Kristo bye yankozza, olw'okuwulira kw'ab'amawanga, mu kigambo ne mu kikolwa, mu maanyi g'obubonero n'eby'amagero, mu maanyi g'Omwo Omutukuvu" (Romans 15:18, 19, NIV). Ekisumuluzo kiri mu kubeera mu Kristo.

Katonda ayagala okukola ebintu ebyewuunyisa ne leero. Enteekateeka Ze zisukka nnyo ku busobozi bwaffe. Okuyita mu kusaba okwa buli bbanga mwetusobolera okutuukiriza by'atutegekede. Atukubiriza bw'ati, "Mpita, nange naakuyitaba ne nkwolesa ebikulu n'ebizibu by'otomanyi" (Yeremiya 33:3).

Okusabira mu Kigambo kya Katonda

Obusobozi bw'abantu bukungula ebivaamu eby'abantu.

"Musa n'ayigirizibwa mu magezi gonna ag'e Misiri; n'abeera wa maanyi mu bigambo bye ne mu bikolwa bye, . . . N'alowooza nti baganda be banaategeera nga Katonda agenda okubawa obulokozi mu mikono gye: naye tebaategeera. . . .Oyo n'abaggyayo bwe yamala okukola amagero n'obubonero mu Misiri, ne mu Nnyanja Emmyufu, ne mu ddungu emyaka amakumi ana" (Ebikolwa 7:22, 25, 36).

Ai Kitaffe, tuyambe tweweeyo nga Musa bwe yakola oluvannyuma lw'emyaka emingi nga alunda endiga. Tukimanyi nti osobola okutukoleramu obubonero n'ebyeuwunyo kasita tutambulira mu buyinza obwa Mwoyo Omutukuvu. Tukasaba otusobozese okwagala okugebda gy'otutwaala. Webale nnyo olw'obuyinza Bwo obutukuvu.

Twatondebwa mu Kristo olw'emirimu emirungi.

“Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye, yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu” (Ephesians 2:10).

Mukama,tufuule ebikozesebwa mu mikono Gyo olw'okulokola n'okuwa baliraanwa baffe omukisa. Tukimanyi nti okutuukirizibwa kw'enjiri kwesigamidde ku kibuzo kino nti: Ndi mu kukolera Katonda nga mpita mu busobozi bwange, oba Katonda akolera mu nze nga yeyambisa obusobozi Bwe obutukuvu? Tuyigirize okukimanya nti tetusobola kukuweereza ku lwaffe. Webale nnyo olw'okutusuubiza okukolera mu ffe. Tusaba owe omukisa emirimu gy'emikono gyaffe.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunjanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbandobendo, ne munsu yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enjanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddobozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Take My Life and Let It Be (#330)
2. Not I, But Christ (#570)
3. Anywhere With Jesus (#508)
4. Have Thine Own Way, Lord (#567)
5. Make Me a Servant
6. In His Time

OLUNAKU 10 — OKUNOONYEZA AWAMU OKUDDA OBUGGYA

“Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye.” (Zekkaliya 4:6).

Kiki Ekiddako? Emitendera Esatu egy'Entandikwa Empya mu by'Omwoyo

Wandyetaaze okufuna okuzzibwa obuggya mu by'omwoyo wamu n'amaka ag'ekkanisa yo? Tulinawo wano enteekateeka ereeseewo okusisimuka mu by'omwoyo n'okuwa essuubi mu makanisa g'e Bugirimaani, Buswiisi, Bungereza, Tajikistan, ne mu United States. Okudda obuggya kuyinza okubeera mu kitundu kyonna, ne mu mawanga agataty Katonda, kasita abantu bajjumbira okwewaayo eri Yesu awamu n'okumusaba okufuna omukisa ogwa Mwoyo Omutukuvu.

Sabira engeri ekkkanisa yo, oba amaka, oba akabondo ak'okusaba gye kayinza okufunamu entandikwa empya ey'eby'omwoyo mu mwaka guno. Wakolebweewo enteekateeka, n'abalala beenyigiremu, era walambikibweewo ennaku ez'omwezi ez'okutandikiramu. Kijja kwetaagisa okweyambisa ebirowoozo byammwe nga bisinziira ku buwangwa bwammwe, ekitundu kyammwe, n'ebyetaago eby'akabondo kammwe.

Twagala okugabana eky'okulabirako eky'ekkanisa emu mu Decatur, Alabama, USA:

1. Entandikwa Empya

Mutwaale enzingu eziwerako oba emyezi nga musaba okufuna Omwoyo Omutukuvu, nga kw'ogasse n'okuyiga Ebyawandiikibwa wamu n'akatabo akatono ak'okwewonga.

Abakkiriza ab'omu kanisa y'e Decatur baatandikanga okusabira awamu okumala eddakiika 30 ku makya ga buli Sabbiiti nga beetegekera okubuulira enjiri. Baagabana bingi mu birango eby'ekkanisa mu kukubiriza okusaba, okudda obuggya, n'omulimu ogwa Mwoyo Omutukuvu. Era baafunanga okuyiga okw'ebifaananyi (vidiyo) ku Mwoyo Omutukuvu mu buwungeezi bwa Sabbiiti bbiri. Okuyiga bwe kwaggwa, baagaba akatabo akatono ku kudda obuggya mu by'omwoyo era ne basaba abakkiriza okukasoma okumala eddima-nsi (wiiki) mukaaga. (Baalondawo akatabo akayitibwa 'Steps to Personal Revival.' Ebirala mwemwali 'Steps to Christ' oba Enjigiriza ya Bayibuli ku kudda obuggya.) Ekyaddirira, mu Ennaku Ekkumi ez'Okusaba, baasabira okudda obuggya ne Mwoyo Omutukuvu era ne bafuna Sabbiiti ey'okusaba n'okutendereza.

2. Enkolagana ey'Okufaayo

Tandika okusabira abantu bataano abatatuukibwangako, owuliziganye nabo era okuume enkolagana nabo mu ngeri ey'amazima era ey'obutetenkanya. Mu bbanga lino oyinza okwagala okuyiga okuva mu katabo akalala ku kusaba oba okudda obuggya.

Kyandibadde kirungi ne musoma nga muli babiri olw'okwewanirira n'okutegeera okw'ebuziba.

Mu kkowe lino ery'okubiri, abakkiriza ab'omu kanisa y'e Decatur baatandika okuyiga ekitabo ekya '40 Days: Prayers and Devotions to Prepare for the Second Coming' mu bibanja eby'ababiri-babiri. Ekyavaamu, essanyu lyabwe ery'okutegeeza abalala ku Yesu lyeyongera. Nga ekirowoozo bwekiri mu kitabo, abakkiriza baatandika okusabira abantu abataano be batabuuliranga mu bulamu bwabwe. Baamala ne bakwatagana n'abantu bano oba abakkiriza abaddiridde awamu n'okusigala nga bawuliziganya nabo okumala ekiseera. Abantu bangi baabatizibwa era emikisa ne gibuutikira abakkiriza abaggya n'eri abo abaabasabiranga.

Kirowoozeeko: Singa abakkiriza 10 buli omu asabira n'okukuuma enkwatagana n'abantu bataano, kibeera kitegeeza nti abo babeera abantu 50, era nga kijja kutandikira awo. Ku nkomerero ey'ennaku 40, osobola okukyaaza abantu abaasabirwanga ku Sabbiiti ey'abagenyi. Ekidirira, yaniriza buli muntu okwegatta mu kabondo akatono (Akayiga Bayibuli, ak'okufumba okw'obulamu, aka dduyiro, ak'emirimu egy'omu kitundu, oba konna omuntu ke yandiyagadde). Era osobola okusigala nga obayita mu nteekateeka ez'enjiri ezijja mu maaso. Ojjukira okwetaba mu nkunjaana wamu ne mikwano gyo n'okubayamba okuwulira nga bali waka.

3. Okugabana

Buli mukkiriza asobola okukyaaza abantu bebabadde basabira olw'okwetaba mu nkunjaana ez'enjiri, obubondo obw'okuyigiramu Bayibuli, oba okuyiga Bayibuli okwa muntu-ku-muntu. (Bwekiba nga abamu ku bantu bo tebannaba kufuuka bayizi ba Bayibuli, bayite betabe mu kabondo akakola ku by'ayagala, nga dduyiro, okufumba okw'obulamu, ebinyumu, oba eby'okukolera awamu.)

Ekkalisa y'e Decatur yakola ku kubuulira enjiri, abakkiriza ne badda buggya, awamu n'okwongerera okufuna enkolagana ey'omuggundu ne Yesu. Omwoyo Omutukuvu yakola ku mitima gy'abagenyi, era abantu 10 ne bawayo obulamu bwabwe eri Yesu nga bayita mu kubatizibwa (n'abalala abataano baamala ne beyongerako). Ebibala bwe bujulirwa eri obuyinza obw'okusaba! (Alipoota y'emboozu y'e Decatur yakolebwa Elida Meneses mu Southern Tidings.)

Ekkalisa Yo Esobola Kukola Ki?

Musabire wamu era mukole enteekateeka ey'ekkanisa yammwe olwa leero. "Eggulu lyonna liri mu kukola, era bamalayika ba Katonda balindiridde okukolagana ne bonna abanaabangawo enteekateeka ez'okutwaala obubaka obw'ebikungulwa eby'essanyu ery'obulokozi eri emyoyo Kristo gye yafirira. Bamalayika abakolerera abantu abanaabeera abasika ab'obulokozi balina ebigambo bye bayogera eri buli mutukuvu ow'amazima: 'Olina omulimu ogw'okukola.' 'Genda, yimirira era oyogere . . . eri abantu ebigambo byonna eby'obulamu buno' (Ebikolwa 5:20)" (Testimonies for the Church, vol. 6, pp. 433, 434).

Katonda akutuma mu nsi n'ekisuubizo kino: "N'addamu n'agamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama" (Zekkaliya 4:6).

Okusbira mu Kigambo kya Katonda

Omwoyo Omutukuvu ajja kukiggusa.

“N'addamu n'agamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye” (Zekkaliya 4:6).

Ai Kitaffe, otutegeeza nti obuwanguzi tebuva mu kukola kwa muntu. Bambi tukusaba otusonyiwe olw'okulemwa okubeera n'obuyinza obwa Mwoyo Omutukuvu. Tuzze buggya tuleme kubeera ba kibuguumirize nga Lawodekiya. Tuzuukuse olw'okulokolebwa kwaffe wamu n'okwa baliraanwa baffe. Era tukwebaza olw'essanyu ery'emirembe egitaggwawo gye wasuubiza.

Ebirowoozo Ebirala eby'Essaala

Okwebaza n'okutendereza: Muweeyo okwebaza olw'emikisa egimu n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe.

Okwatula: Waayo eddakiika entonotono olw'okwatula okw'ekyama n'okwebaza Katonda olw'okusonyiwa Kwe.

Okulunyanya: Musabe Katonda abawe amagezi okuyita mu bisoomooza n'okusalawo ku bigenda mu maaso.

Ekkanisa Yaffe: Musabe Katonda okuwa omukisa emirimu egy'ekkanisa yaffe mu kitundu, mu bbendobendo, ne muni yonna.

Obwetaavu bw'Ekitundu: Musabire obwetaavu bw'abakkiriza mu kkanisa, ab'enyanda, ne baliraanwa.

Okuwulira n'Okwanukulwa: Muweeyo obudde okuwuliriza eddobozi lya Katonda n'okulyanukulira nga oyita mu kutendereza oba mu luyimba.

Ebirowoozo ku Nnyimba

1. SDA Hymnal: Bringing in the Sheaves (#369)
2. Stand Up, Stand Up for Jesus (#618)
3. I Love to Tell the Story (#457)
4. When We All Get to Heaven (#633)
5. Pass It On; People Need the Lord;
6. We Are His Hands

Ebirowoozo Ku Kusoomooza okw'Okufuluma olw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba

Yesu takoma ku kutukubiriza okusabanga wabula n'okwanukuliranga obwetaavu obw'omwoyo n'omubiri obw'abo abatwetoolodde. “Jesus calls us not only to pray but also to serve the spiritual and physical needs of those around us. “Kubanga nnalina enjala ne mumpa ekyokulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnyambuza: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba.” (Matayo 25:35, 36).

Mu kitabo ekiyitibwa “The Ministry of Healing” tusoma nti, “Tulina okubeera mu bulamu obw'amabala abiri – obulamu obw'okulowooza n'okuteeka mu nkola, obw'essaala ey'akasirise n'okukola okw'obunyiikivu” (p. 512). Tufunye okwagala kungi okuva eri Omulokozi waffe, era tulina omukisa ogw'okugabana okwagala okwo n'ab'emikwano, baliraanwa, ne betusisinkana nabo.

Saba Katonda akulage engeri ggwe n'ekkanisa yo gyemusobola okuweereza abalala oluvannyuma lw'Ennaku Ekkumi ez'Okusaba. Nga muteekateeka eby'okukola, mwewale embeera ey'okuteekateeka okubaziyiza okusaba. “Okukola ku lw'abalala kulina okukulemberwaamu okusaba okw'ekyama; kubanga kyetaagisa amagezi mangi okutegeera obuziba obw'okulokola emyoyo. Nga tonnaba kuwuliziganya na bantu, tabagana ne Kristo. Mu maaso g'entebe ey'ekisa eky'eggulu wewali okweteekateeka okw'okuweereza eri abantu” (Prayer, p. 313).

Zino z'ezimu ku ngeri ez'okuyambamu abalala. Londawo kyonna ekigya mu byetaago eby'omu kitundu kyo, era osobolera ddala okugattako n'ebirowoozo ebirala.

- Cook a meal for someone who has been sick.
- Invite a neighbor/co-worker to a social gathering.
- Give food to a homeless person.
- Donate clothing that you would want donated to you.
- “Adopt” an elderly person. Visit the person on a regular basis and help with chores, shopping, cooking, or garden work.
- Bake some bread and share a loaf with a neighbor.
- Help with neighborhood projects.
- Offer to stay with a sick or disabled person so their caretakers can run an errand.
- Participate in neighborhood projects.
- Introduce yourself to a new neighbor by taking them a meal. Make them feel welcome in the neighborhood.
- Buy groceries and deliver them to a needy family.
- Donate your old eyeglasses.
- Offer to give a Bible study.
- Visit people in nursing homes.
- Give some “food” money to a student.

- Collect clothing for the needy. You might start a clothes closet at your church for sharing with others.
- Donate your old laptop or other electronics.
- Donate a used car.
- Organize a “Health Expo.”
- Send a card to a shut-in.
- Organize an evangelistic series.
- Call your neighbors and ask how they’re doing.
- Give someone a book you think they’d like.
- Pass out GLOW tracts (available to order here: www.glowonline.org/glow).
- Invite someone to accept Jesus.
- Hold a cooking school.
- Give away sharing books about biblical topics.
- Take some food to someone who has lost a loved one.
- Visit someone in the hospital to encourage them or help them in some way.
- Read to an elderly person.
- Visit a children’s home and offer your help to the staff.
- Start a sewing/knitting/crocheting group to make clothes to give away.
- Read the Bible aloud for someone who can’t see or read.
- Host a youth night at your home.
- Volunteer at a shelter for abused persons.
- Donate some books to a children’s home or shelter.
- Take children from your church to visit a home for elderly people. Present a program for them.
- Plan and host a fun day for special-needs kids and their families.
- Have a community clean-up day.
- Start a healthy living club in your church. Invite friends and neighbors.
- Ask someone if they would like to join you in watching a DVD with a spiritual message. As you watch together, pray that the Holy Spirit will speak to the person’s heart.
- Design your own project.

For more resources on witnessing, visit www.revivalandreformation.org/resources/witnessing

Ebisuubizo eby'Okukaayanira mu Kusaba

Ebisuubizo ebya Mwoyo Omutukuvu:

“Musabe Mukama enkuba mu biro ebya ddumbi, Mukama akola ebimyansa; naye alibawa empa ndaggirize, buli muntu omuddo mu ttale..” Zekkaliya. 10:1

“Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba!” Lukka 11:13

“Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, alibajjukiza byonna bye nnabagamba. . . . Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango.” Yokaana 14:26; 16:8

“Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze njenda eri Kitange. Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga.” Yokaana 14:12-14.

“N'addamu n'agamba nti Kino kye kigambo kya Mukama eri Zerubbaberi nga kyogera nti Si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bw'ayogera Mukama w'eggye.” Zekkaliya. 4:6

Ebisuubizo Ebikakasa nti Katonda ayanukula Essaala:

“Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.” Yokaana 15:7

“Kale tusemberenga n'obuvumu eri entebe ey'ekisa, tulyoke tuweebwe okusaasirwa, era tufune ekisa olw'okubeerwa bwe tukwetaaga.” Abaebbulaniya. 4:16

“Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize ga mubiweereddwa, era mulibifuna.” Mark 11:24

“Era onkoowoolenga ku lunaku olw'okulaba ennaku; Ndikuwonya, naawe olingulumiza nze!” Zabbuli. 50:15

“Nate mbagamba nti Oba bannammwe babiri bwe beetabang ku nsi buli kigambo kyonna kye balisaba, kiribakolerwa Kitange ali mu ggulu.” Matayo. 18:19

“Ne byonna byonna bye munaayagalanga nga musaba, nga mukkirizza, munaabiweebwanga Matayo. 21:22

“Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga.” Yokaana 14:13, 14

“Ne ku lunaku luli temulibaako kye munsaba. Ddala ddala mbagamba nti Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange. Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange: musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire.” Yokaana 16:23, 24

“Ne ku lunaku luli temulibaako kye munsaba. Ddala ddala mbagamba nti Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange. Okutuusa leero temusabanga kigambo mu linnya lyange musabe, muliweebwa, essanyu lyammwe lituukirire.” 1 Yokaana 5:14, 15.

Ebisuubizo Ebikwaata ku Buyinza bwa Katonda

“Waliwo ekirema Mukama? Mubiro ebyateekebwawo ndikomawo w'oli, ekiseera bwe kiridda, ne Saala alizaala omwana ow'obulenzi..” Olubereberye. 18:14

“Mukama anaabalwanirira, nammwe munaasirika.” Ex. 14:14

“Awo Yesu n'abatunuulira n'agamba nti Mu bantu tekiyinzika, naye si bwe kityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda.” Makko 10:27

“Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola..” 1 Abasessalonika 5:24

“Mmanyi nga ggwe oyinza byo Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiziyizika..” Yobu 42:2

“Kale tunaayogera tutya ku ebyo? Katonda bw'abeera ku lwaffe, omulabe waffe ani? Ataagaana Mwana we ye, naye n'amuwaayo ku lwaffe fenna, era talitugabira bintu byonna wamu naye?” Abaluumi 8:31, 32

“Katonda si muntu, okulimba; So si mwana wa muntu, okwejjusa: Ayogedde, n'okukola talikikola? Oba agambye, n'okutuusa talikituusa?” Okubala 23:19

“Tonnamanya? tonnawulira? Katonda ataliggwaawo, Mukama, Omutonzi w'enkomerero z'ensi, tazirika so takoowa; amagezi ge teganoonyezeka. Awa amaanyi abazirika; n'oyo atalina buyinza amwongerako amaanyi. Abavubuka nabo balizirika balikoowa, n'abalenzi baligwira ddala: naye abo abalindirira Mukama baliddamu obuggya amaanyi gaabwe; balitumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu; balidduka mbiro ne batakooowa; balitambula ne batazirika..” Isaaya. 40:28-31

Ebisuubizo eby'Okulunganyama kwa Katonda

“Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna.” Yoswa. 1:9

“Era, laba, nze ndi wamu naawe, era naakuumanga gy'onoogendanga yonna, era ndikukomyawo mu nsi eno; kubanga sirikuleka okutuusa lwe ndimala okukola bye nkugambyeko.” Olubereberye. 28:15

“Laba, ntuma malayika mu maaso go, akukuume mu kkubo, akuleete mu kifo kye nnateekateeka.” Okuva 23:20

“Naye nga muyima eyo bwe munaanoonyanga Mukama Katonda wo, onoomulabanga bw'onoomunoonyanga n'omutima gwo gwonna n'obulamu bwo bwonna.” Ekyamateeka 4:29

“Mpita, nange naakuyitaba ne nkwolesa ebikulu n'ebizibu by'otomanyi.” Jer. 33:3

“Buli kiwonvu kirigulumizibwa, na buli lusozi n'akasozi zirikkakkanyizibwa: n'obukyamu buligololwa, n'ebifo ebitali bisende biriterezebwa n'ekitiibwa kya Mukama kiri bikkulibwa, ne bonna abalina omubiri balikirabira wamu: kubanga akamwa ka Mukama ke kakyogedde.” Isaaya 40:4, 5.

“Naakuyigirizanga naakulanganga mu kkubo ly'onooyitangamu: Naakuteesezanga ebigambo eriiso lyange nga liri ku ggwe.” Zabbuli 32:8

“Mukama ye wuuyo abakulembere; anaabeeranga naawe, taakulekenga so taakwabulirenga: totya so totekemuka.” Ekyamateeka 31:8

“Omuntu atya Mukama aluwa? Oyo gw'anaayigirizanga mu kkubo ly'anaasiimanga.” Zabbuli 25:12

“Weesigenga Mukama n'omutima gwo gwonna. So teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe: Mwatulenga mu makubo go gonna, Kale anaalunḡamyanga olugendo lwo.” Engero 3:5, 6

“N'omuggirawo omuyala obulamu bwo, n'okkusa obulamu obubonyaabonyezebwa; kale omusana gwo ne gulyoka guviirayo mu kizikiza, n'ekifu kyo kiriba ng'ettuntu: era Mukama anaakulunḡamyanga ennaku zonna, n'akkusa obulamu bwo mu bifo ebikalu n'anyweza amagumba go; naawe onoobanga ng'olusuku olufukirirwa amazzi era ng'oluzzi lw'amazzi olutaggwaamu mazzi.” Isaaya. 58:10, 11

“Awo olulituuka nga tebannaba kuyita ndiyitaba; era nga bakyayogera ndiwulira.” Isaayo 65:24

Ebisuubizo eby'Omutima Omukyufu

“Era ndibawa omutima okummanya nga ndi Mukama: era banaabanga bantu bange, nange naabanga Katonda waabwe: kubanga balikomawo gye ndi n'omutima gwabwe gwonna.” Yeremiya 24:7

“Era Mukama Katonda wo alikukomola omutima, n'omutima gw'ezzadde lyo, okwagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, olyoke obe omulamu.” Ekyamateeka 30:6

“Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama.” Ezekyeri. 36:26

“Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo.” Abafiripi 1:6

“Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya.” 2 Cor. 5:17

“Era Katonda ow'emirembe yennyini abatukulize ddala; era omwoyo gwammwe n'obulamu n'omubiri byonna awamu bikuumibwenga awatali kunenyezebwa mu kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Abayita mwesigwa, n'okukola ye alikola.” 1 Abasessalonika 5:23, 24

Ebisuubizo eby'Okusonyiyibwa

“Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetaowazanga ne basaba ne banoonya amaaso gange ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amabi; kale naawuliranga nga nnyima mu ggulu ne nsonyiwa okwonoona kwabwe ne mponya ensi yaabwe.” 2 Ebyomumirembe 7:14

“Kubanga ggwe, Mukama, oli mulungi, oyanuwa okusonyiwa, Era ojjula ekisa eri abo bonna abakukoowoola.” Zabbuli 86:5

“Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe.” Makko 11:25

“Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.” Abaefeeso 4:32

“Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.” 1 Yokaana 1:9

“Mujje nno, tuteese bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga.” Isaaya. 1:18

“Nze, nze mwene, nze nzuuyo sangula ebyonoono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo.” Isaaya. 43:25

“Kubanga ndisonyiwa obutali butuukirivu bwabwe, n'ekibi kyabwe sirikijjukira nate.” Yeremiya. 31:34

“Eyatuweesa akununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwebuli.” Abaefeeso 1:7

Ebisuubizo eby'Okuwangula Ekibi

“Kubanga buli ekyazaalibwa Kstonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.” 1 Yokaana 5:4

“Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.” Abaluumi 8:37

“Naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.” 1 Abakkolinso 15:57

“Totya, kubanga nze ndi wamu naawe; tokenjentererwa, kubanga nze Katonda wo: naakuwanga amaanyi; weewaawo, naakuyambanga; weewaawo, naakuwaniriranga n'omukono ogwa ddyo ogw'obutuukirivu bwange.” Isaaya 41:10

“Era ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza, eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi.” Abaefeeso. 6:16

“Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange..” Abaggalatiya. 2:20

“Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.” Abafiripi 2:13

“Naye njogera nti Mutambulirenga mu Mwoyo, kale temuutuukirizenga kwegomba kwa mubiri.” Abaggalatiya. 5:16

“Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.” Abaluumi. 16:20

“So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwe nga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi ebisanyusa, Abaluumi. 12:2

“Temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuba mu ye.1 Yokaana 2:15

Ebisuubizo eby'Okuwonya Endwadde

“Oba nga oliwulira nnyo eddoboosi lya Mukama Katonda wo, n'okola obutuukirivu mu maaso ge, n'owulira amateeka ge, n'okwata by'alagira byonna, sirikuteekako ggwe endwadde zonna ze nmateeka ku Bamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya.” Okuva 15:26

“Ebisiba byo binaabanga kyuma na lukomo; Era ng'ennaku zo, amaanyi go bwe ganaabanga bwe gatyo.” Ekyamateeka. 33:25

“Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, So teweerabira birungi bye byonna: Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; Awonya endwadde zo zonna; Anunula obulamu bwo buleme okuzikirira; Akussaako engule ey'ekisa n'okusaasira okulungi: Akkusa akamwa ko ebirungi; Obuvubuka bwo ne budda obuggya ng'empungu.” Zabbuli 103:2-5

“Tobanga na magezi mu maaso go ggwe; Tyanga, Mukama ove mu bubu: 8 Ekyo kye kinaabanga obulamu eri ekkundi lyo, N'obusomyo eri amagumba go.” Engero 3:7, 8

“Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo, ne tutamuyitamu ka buntu. 4 Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe: naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyaabo nyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya.” Isaaya. 53:3-5

“Mponya, ai Mukama, kale lwe nnaawona; ndokola, kale lwe nnaalokoka: kubanga ggwe oli ttendo lyange.” Yeremiya. 17:14

“Kubanga ndikukomezaawo obulamu, era ndikuwonya ebiwundu byo, bw'ayogera Mukama; kubanga bakuyise eyagobebwa, nga boogera nti Ye Sayuuni omuntu yenna gw'atanoonya.” Yeremiya 30:17

“Laba, ndikireetera obulamu a'okuwoayezebwa, nange ndibawonya; era ndibabikkulira emirembe n'amazima bingi nnyo nnyini.” Yeremiya 33:6

“Naye mmwe abatya erinnya lyange njuba ey'obutuukirivu eribaviirayo ng'erina okuwonya mu biwaawaatiro byayo, kale mulifuluma ne muligita ng'ennyana ez'omu kisibo.” Malaki. 4:2

“Waliwo mu mmwe omuntu alwadde? ayitenga abakadde b'ekkanisa; bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linnya lya Mukama waffe: n'okusaba kw'okukkiriza kulirokola omulwadde, ne Mukama waffe alimuyimusa: era oba nga yakola ebibi birimuggibwako..” Yakobo 5:14, 15

Ebisuubizo eby'Okufuna Amaanyi ag'Okukola Katonda by'Ayagala

“Kyetuva tulema okuddirira; naye newakubadde omuntu waffe w'okungulu ng'aggwaawo, naye omuntu waffe ow'omunda afuuka muggya bulijjo bulijjo. Kubanga okubonaabona kwaffe okuazitowa, okw'ekiseera ekya kaakano, wongerayongera nnyo okutukolera kidibwa ekizitowa eky'emirembe n'emirembe.” 2 Abakkolinso 4:16-18

“Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga ebiro bwe birituuka, tulikungula; nga tetuzirise.” Abaggalatiya 6:9

“Nnyinzizza byonna mu oyo ampa amaanyi.” Abafiripi 4:13

“Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.”
Abafiripi 2:13

“N'anjamba nti Ekisa kyange kikumala: kubanga amaanyi gange gatuukiririra mu bunafu. Kyennaavanga nneenyumiriza n'essanyu eringi olw'eby'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke gasiisire ku nze..” 2 Abakkolinso 12:9

Ebisuubizo eby'Okubeera Abajulira Katonda

“Temutya so temutekemuka: bw'edda saakubuulira ne nkiraga? nammwe muli bajulirwa bange. Waliwo Katonda wabula nze? Weewaawo, tewali Lwazi; nze siriiko lwe manyi.” Isaaya 44:8

“Golokoka, yaka; kubanga omusana gwo gutuuse, n'ekiubwa kya Mukama kikuviiriddeyo.” Isaaya. 60:1

“Naye byonna biva eri Katonda, eyatubaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya.” 2 Abakkolinso 5:18

“Naye Mukama n'a**amba nti, Toyogeranga nti ndi mwana muto: kubanga eri bonna gye nnaakutumanga gy'onogendanga, era kyonna kye nnaakulagiranga ky'onoyogeranga.” Yereimiya 1:7

“Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, natmmwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.” Ebikolwa 1:8

“Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala kwe okw'ekitalo.” 1 Peetero 2:9

“Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.” 1 Peetero 3:15

Omulumu gwa:

THE GOLDEN SEEDLING AGENCY

donozio12@gmail.com/+256704230667(whatsapp)